Okulya Emiryango Gy'Omulabe

Mwasuze mutyanno, mwenna. Ndi musanyufu okukomawo nate mu kkuŋŋaaniro enkya ya leero, okusabira abalwadde leero. Ekibaawo, bulijjo, tugezaako obw'olumu, okujja, ne—ne tusabira abantu ababeera bazze okuva mu bifo eby'enjawulo, abajja okusabirwa.

Era kati mangu ddala tujja kuba tusimbula okugenda, mu nkuŋŋaana ezigenda okubeera mu California ne mu bitundu ebiri ku Lubalama olw'Ebugwanjuba. Era mazima ddala tubasaba essaala zammwe, Katonda ow'omu Ggulu atusaasire bwe tunaaba tugenzeeyo atuwe enkuŋŋaana ennungi.

Nnakomyewo, jjo, oba ekiro kya jjo, manyanga, nga obudde buyise. Era jjo lwabadde lumu ku. . . Weewaawo, olunaku lw'okwosa jjo, n'olwa jjo, zaabadde ezimu ku nnaku enkulu ennyo ze ssiryerabira mu bulamu bwange. Waabaddewo, mmanyi abantu nga babiri, oba basatu, abali mu kizimbe muno abaabaddewo okuba abajulizi b'okukka kwa Mukama waffe, olunaku lwa jjo. Era waliwo ekintu, ekirungi ennyo ekyabaddewo, kye sirina budde bumala kukibanyumiza enkya ya leero. Naye oba oli awo Ssande ejja ku makya, nga tetunnagenda, nnyinza okuba n'obudde, mu Bubaka, o—okukibanyumiza. Mukama bw'aliba ayagadde, nja kubaawo, waakiri okusabira abalwadde, ku Ssande ku makya. Tuyinza okwagala okusimbula awo nga mu ttuntu, bwe kiriba kisobose, okugenda mu lukuŋŋaana olw'omu San Jose mu San Jose, California. Era bwe muba mulinayo abantu, eyo ku Lubalama lw'Ebugwanjuba, nga, tukkiriza nti, oba oli awo kye kinaabeera ekiseera kye nnindiridde, okumala ebbanga eddene, eky'enkyukakyuka mu buweereza bwange. Ate kisembedde nnyo, nnatuuse n'okulowooza nti kyabadde kigenda kubaawo jjo. Era nzikiriza nti kijja kubeerawo mangu ddala kati, era, kijja kuba kisukkulumye ekintu kyonna kye twali tulabye oba kye twali tuwulidde. Kati, ekyo mujjukira, kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Mukiraba? Kale tukisuubira okubaawo, ekiseera kyonna.

Era kati olukuŋŋaana lujja kuba mu kibangirizi mwe bakolera emyoleso. Nzikiriza bwe kiri, si bwe kiri, Gene? Mu kibangirizi mwe bakolera emyoleso e San Jose, mu California. Era lujja kuba lukuŋŋaana lwa nnaku kkumi, olulitandika nga ennaku z'omwezi 20, okutuusa nga 29, e—e San Jose. Kati, mubeere nga mutujjukira era nga mutusabira.

Kati tulina, bwe tuba baakufuluma mu biseera ebituufu, tulina essaawa nga emu n'ekitundu, mwe tugenda okutandikira enkuŋŋaana zaffe olw'okusabira abalwadde awamu n'okubuulira Ekigambo. Enkya ya leero, nnonze, ekitundu ky'Ekyawandiikibwa ekitonotono, ebifo bibiri mu Bayibuli, eby'okubuulirako.

Naye nga tetunnayingira mu kubuulira, leka tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera, tusabe.

2 Katonda ajjudde ekisa, mu buwombeefu tujja eri entebe Yo ey'ekisa enkya ya leero, nga abaana abatasaanira, naye nga tujja n'okukkiriza okutajunguluddwa kwe tulina mu Katonda, Omwoyo Omutukuvu kwe yatuwa, n'Okubeerawo Kwe bulijjo wamu naffe, n'okuyita mu kisuubizo kya mu Mukama waffe Yesu, kye yagamba nti bwe tunajja n'obuwombeefu ne tubaako ekintu kyonna kye tusaba mu Linnya Lye, kye tusabye kinaatuweebwanga. N'olwekyo, tetutunuulira bulungi bwaffe, kubanga tetulina kalungi konna, naye tutunula eri ekyo ekyatukolerwa e Kalivaaliyo, eyo ekisa kyaffe gye kyatuweerwa obuwa nga kituweebwa Omwana wa Katonda. Era tetuyinza na kuziyiza maziga agakulukuta okuyita mu mimiro gyaffe, bwe twelowoozaako ffe, abantu abatasaanidde, ne tulowooza ne ku ekyo kye Yatukolera e Kalivaaliyo olw'ekisa Kye, nti tusobole okusembezebwa okumpi ddala ne Katonda, era tubeere n'enkolagana naye. Era kati tuli baana Be ab'obulenzi n'ab'obuwala.

3 Era tujja enkya ya leero, ayi Mukama, wansi w'akasolya kano, okwewongayo, n'okuweereza, nga twatula ebibi byaffe, wamu n'okwetaba mu—mu kusinza okw'Obwakatonda. Tukkiriza nti Onaabeera naffe era otuwe amaaso ag'omwoyo okusobola okulaba okujja Kwo okusembedde, tusobole okuteekateeka emitima gyaffe buli lunaku olw'ekintu ekyo ekikulu ekigenda okubaawo ekibadde kirindirirwa okumala enkumi n'enkumi z'emyaka. Mazima ddala obutonde bwonna businda, nga bukaaba bulindirira okusumululwa. N'emyoyo gyaffe munda mu ffe, ayi Mukama, bulijjo giba gyatula, nti, "'Tuli batambuze era bagenyi, era wano si waka, naye tunoonya Ekibuga nga Omuzimbi era Omukozi Waakyo ye Katonda." Tulindirira akaseera ako akakulu okujja.

4 Mukama, tujjukira nti mu nkuŋŋaana zino, bwe tukuŋŋaana wano, tusabira abaana Bo abalwadde n'abanyigirizibwa. Era tukusaba Otusisinkane olwa leero mu ngeri ey'enjawulo ennyo, owonye buli ndwadde na buli bulwadde obuli mu makkati gaffe. Era kiyinza okuba, ayi Mukama, nti ekisuubizo kino kye nnaakava okwogerako, ekyabaddewo mu nsisinkano wamu Naawe olunaku lw'eggulo, nga bwakakya, n'engeri gye Wakikakasizza emirundi n'emirundi. Era tuwulira nti akaseera kasemberedde ddala. Era leka luno lubeere olunaku, ayi Mukama, lwe kinaabaawo, lw'Onaakyusa obuweereza, ayi

Mukama, buyingire mu kintu ekinaabeera eky'omukisa ennyo eri abantu Bo.

5 Era kaakano, ayi Kitaffe Katonda, tetusabira bano bokka abali wano, naye tusabira n'abo bonna okwetoloola ensi yonna, abalina obwetaavu, mu mwoyo ne mu mubiri. Bawe, Ai Mukama, okuyaayaana kw'emitima gyabwe, kubanga abaana Bo bayita mu bugubi mu nnaku zino. Okunyigirizibwa kw'omulabe kwa maanyi nnyo, naye Ggwe oli wa maanyi okumusinga. Kubanga kyawandiikibwa nti, "Wa maanyi nnyo Oyo ali mu mmwe okusinga oyo ali mu nsi." Olwa kino tuwangula. Yogera naffe okuyita mu Kigambo Kyo ekiwandiike. Era bwe tunaafuluma enkya ya leero, leka twogere nga bali abaali bagenda Emaawo nti, "Emitima gyaffe tegyabadde nga gitutyemuka munda yaffe bwe Yabadde ayogera naffe mu kkubo?" Tukisabye mu Linnya lya Yesu, Oyo eyawa ekisuubizo. Amiina.

6 Kati nsoma okuva mu bitundu bibiri mu Kitabo ky'Olubereberye. Ekimu ku byo kisangibwa mu ssuula ey'a 24, okutandikira ku lunyiriri olwa 56, kisoma bwe kiti.

> *N'abagamba nti, Tondwisa, kubanga* Mukama awadde *omukisa olugendo lwange; munsibule ŋŋende eri mukama wange.*
>
> *Ne boogera nti, Tunaayita omuwala, tumubuuze mu kamwa ke.*
>
> *Ne bayita Lebbeeka, ne bamugamba nti, Onoogenda n'omusajja ono? N'ayogera nti, Nnaagenda.*
>
> *Ne basiibula* Lebbeeka ne muganda we-. . . *mwannyinaabwe, n'omuzaana we, n'omuddu wa Ibulayimu,* . . .
>
> *Ne basabira Lebbeeka omukisa, ne bamugamba nti, Mwannyinaffe, beeranga nnyina w'abantu obukumi enkumi, n'ezzadde lyo liryenga omulyango gw'abo ababakyawa.*

7 Ne mu Lubereberye 22, olunyiriri olw'e 15, tusoma nti.

> *Malayika wa* Mukama *n'ayita Ibulayimu omulundi ogw'okubiri ng'ayima mu ggulu,*
>
> *N'ayogera nti, Nneerayidde nzekka, bw'ayogera* Mukama, *kubanga okoze bw'otyo,* era n'otonny-. . . *n'otonnyima mwana wo, omwana* wo *omu:*
>
> *Okukuwa omukisa naakuwanga omukisa, n'okwongera naakwongerako ezzadde lyo nga emmunyeenye* . . . *ez'omu ggulu, era nga omusenyu* . . . *ku ttale ly'ennyanja; era ezzadde lyo balirya omulyango* gw'omulabe waabwe;
>
> *Era mu zzadde lyo amawanga gonna ag'omu nsi mwe galiweerwa omukisa; kubanga* ggwe *owulidde eddoboozi lyange.*

8 Kaakano Mukama ayongere emikisa Gye ku
kusomebwa kw'Ebigambo Bye. Kati njagala okukozesa,
bwe guba gwa kuyitibwa mutwe gwa kyakuyigako,
okusooka, eky'okuyigirizaako kyange enkya ya leero,
kigamba nti, "Okugezesebwa nga tonnawamba miryango
egyakusuubizibwa." Ate omutwe gugamba nti: *Okulya
Emiryango Gy'Omulabe*.

9 Katonda yali agezesa omukadde, kubanga yali Yamuwa
ekisuubizo. Era Katonda bw'akola ekisuubizo, Ayagala akakase
nti omuntu ono agwanidde ekisuubizo kino, nga Katonda
tannatuukiriza kye Yayogera oba kye Yasuubiza. Kati Ibulayimu
yali yasuubizibwa nti okuyita mu zzadde lye ensi yonna yali
ya kuweebwa omukisa, nti alifuna omwana ow'obulenzi. Era,
nti omwana ono, mu ye mwali mwakuvaamu Ensigo eyali
ey'okuweesa ensi yonna omukisa. Kati Ibulayimu, mu kiseera
ekisuubizo we kyamuweerwa, yali wa myaka nsanvu mu
etaano; nga Saala, mukyala we, wa myaka nkaaga mu etaano.
Naye Bayibuli etugamba nti Ibulayimu teyasagaasagana
kuva ku kisuubizo kya Katonda, mu butakkiriza, wabula
yali munywevu, nga atendereza Katonda. Era Katonda,
yamugezesanga, entakera, naye wano yali atuuse ku kigezo
ekyali kisembayo nga omukisa tegunnamuweebwa.

10 Era bwe kityo bwe kiri eri Ezzadde lya Ibulayimu
lyonna. Katonda atuwa ekigezo ekyo ekisembayo mu kaseera
ako nga anaatera okutuwa omukisa. Era singa kibadde
kisoboka, nnandyagadde okubaako ne kye njogera wano,
ekinkwatako, naye leka nkireke. Ekigezo ekyo ekisembayo,
okulaba ky'onaakola nga kizze. Era bwe Yawa Ibulayimu
ekigezo kino, Yasanga Ibulayimu akyali mwesigwa ddala nga
bwe yali ku ntandikwa. Nga gwandibadde mukisa gwa maanyi
nnyo enkya ya leero ssinga ffe abatwala ekisuubizo Kye
eky'okuwonyezebwa tuyimirira nga tuli beesigwa ddala nga bwe
twayimirira wano ne tukikkiriza. Omusawo ne bw'agamba ki,
yimirira nga oli mwesigwa.

11 Era kino bwe yakikola, n'atamumma mwana we omu yekka,
naye yali anaatera okusogga ekiso mu kifuba kya Isaaka,
okuzikiriza obujulizi bwe. Yali yawa obujulizi, eri abantu bonna
be yali amanyi ku nsi, nti yali agenda kufuna omutabani ono.
Naye ate omutabani bwe yajja, n'asabibwa okukuba enkyukira,
azikirize essuubi lyokka lye yalina ery'obujulizi bwe okusobola
okutuukirira. Era Katonda bwe yalaba nti yali mwesigwa eri
okukkiriza okwo kwe yalina mu Katonda, Katonda yatunula
wansi nga asinziira mu ggulu n'Agamba nti, "Nneerayidde Nze
mwene nti Nnaakuwanga omukisa era nnaakwaza, n'ezzadde
lyo balirya omulyango gw'omulabe waabwe." Nga kisuubizo kya
kitalo!

12 Ne Lebbeeka, eyali ow'okubeera maama w'omwana ono
ow'enkizo, eyasuubizibwa, eyali alindirirwa, bwe yasimbibwa

mu maaso g'ekigezo kino ekisembayo, eky'omusajja omugwira gwe yali talabangako, nga yalaba bulabi kukola kwa Mwoyo Mutukuvu. Era bazadde be bwe baalemwa okusalawo mu bujjuvu oba asaanye okugenda n'omugwira ono oba nedda, okufumbirwa omusajja gw'atalabangako, naye yaleetebwa eri ekigezo ekisembayo. "Leka tuyite omuwala yeeyogerere. Leka tuwulire okuva mu kamwa ke oba nga anaagenda, yee oba nedda."

13 Bwe kityo bwe kisimbibwa mu maaso g'Ezzadde lya Katonda lyonna. Kiteekwa kuva mu kamwa ko. Katonda ayagala kuwulira ky'oyogera.

14 Bw'atyo bwe yaweebwa ekigezo, teyalonzalonza yadde. Yagamba kimu nti, "Nja kugenda." Ekyo nkyagala nnyo. Teyagamba mbu, "Leka nsooke nkirowoozeeko. Leka nsooke nkyekenneenye." Yali mumativu. Abo be bantu Katonda b'asobola okukozesa, nga oli mumativu nti Katonda ajja kutuukiriza ekisuubizo Kye. N'agamba nti, "Nja kugenda."

15 Era abantu be mu kaseera ako, nga bafukiddwaako nnyo amafuta, oba oli awo n'okukimanya tebaakimanya, naye baalagula bwe baateeka emikono gyabwe ku mwannyinaabwe, era muwala waabwe; omuwala ono Omuyudaaya, alabika obulungi, nga bwe bamuteeka ku ŋŋamiya okumusindika okugenda mu nsi gy'atamanyi, eri abantu b'atamanyi. Naye baaliko Ekintu eky'enjawulo. Baagamba nti, "Leka ezzadde lyo balye omulyango gw'omulabe waabwe. Obeere nnyina w'enkumi z'obukadde."

16 Era, olwa leero, olulyo lw'abantu abo era abantu ba Katonda basaasaanidde buli wamu wonna okuva ku nnyanja okutuuka ku nnyanja, okwetoloola ensi. Mu kuzuukira okwo baliba nga emmunyeenye ez'omu Ggulu, nga ebitangaala ebyo ebyakaayakana ennyo bwe bitwala ebifo byabyo, bwe balitumbiira okuyita mu bwengula. Era bwe balijja, baliba nga ennyanja ku . . . manyanga baliba nga omusenyu ku lubalama lw'ennyanja. Baliba nkumi nza bukabbde na bukadde.

17 "Ezzadde lyo lirirya omulyango gw'omulabe waalyo." Ekyo kisuubizo kya Katonda ekiriko n'ekirayiro, "Ezzadde lya Ibulayimu."

Era, okuyita mu Mwoyo We Omutukuvu, bwe yakiraba nti, ne nnyina yali wa kubeera kitundu ku mwana, kubanga bali kitundu ku mubiri. Omwoyo Omutukuvu nga akolera mu bantu bano, kye yava, agamba nti, "Ya . . . Leka Ezzadde lyo lirye omulyango gw'omulabe." Kaakati, Katonda bw'aba yalayira nti Alirya omulyango gw'omulabe, kati Ekkanisa ya Katonda omulamu ekyo kigiteeka mu kifo ki?

18 Tuli Zzadde lya Ibulayimu. Kubanga, nga, bwe twafiira mu Kristo, kati, twafuuka Zzadde lya Ibulayimu era abasika awamu naye, wansi w'ekisuubizo kye kimu ekiriko ekirayiro.

Tuli Zzadde lya Ibulayimu, era abasika ba buli kisuubizo kyonna ekyamuweebwa. Naye okugezesebwa bwe kujja, awo we tulemererwa. Naye ssikkiriza nti Ezzadde lya Ibulayimu linaalemererwa. Bajja kuyimirira nga banywevu ddala era nga beesigwa nga Ibulayimu bwe yali.

19 Kati tukiraba nti Katonda tasobola kubaako kintu kyonna ky'ayogera oba—oba okubaako ekisuubizo kyonna ky'akola nga t'Akituukirize. Ekyo alina okukikola okusobola okubeera Katonda. Oluvannyuma lw'emyaka egiwerako, abantu be bamu, abaaweebwa ekisuubizo, ezzadde lya Ibulayimu baali mu lugendo, nga bagenda mu—mu nsi ensuubize, ne wabaawo omulyango ogwekiika mu maaso g'ezzadde eryo, okuliziyiza, era yali muganda we yennyini, Mowabu, abaagamba nti, "Tojja kuyita mu nsi yange. Nja kukola ekisoboka kyonna okukakasa nti toyita mu nsi yange."

20 Isiraeri n'agamba nti, "Ente zaffe bwe zinaalya ku muddo gwammwe oba ne zinywa amazzi gammwe, tujja kubisasulira."

Naye oli n'agamba nti, "Temujja kuyita mu nsi eno."

21 Naye ekisuubizo kya Katonda kyatuukirira. Bwe batyo ne bagenda ne bafuna nnabbi waabwe, Balamu, ne bamuleeta akolimire abantu abo. Era kino kye yayogera. Baagezaako okumulaga ekitundu ekisingayo obubi eky'ezzadde ery'omukisa, naye Katonda yamulaga ekitundu ekisinga obulungi. Yagamba nti, "Buli akolimira Isiraeri naye alikolimirwa, na buli asabira Isiraeri omukisa naye aliweebwa omukisa." Emiziziko ne gissibwa wansi Isiraeri ne basomoka ne bayita mu nsenyi. Katonda yasuubiza nti alirya omulyango gw'omulabe we.

22 Oluvannyuma, nga wayiseewo emyaka, ne wajja amanyiddwa nga Danyeri, eyali mu lunyiriri lw'Ezzadde lino ery'olulyo Olulangira, era mu lunyiriri lw'ebisuubizo, kubanga yali Zzadde lya Ibulayimu. Era Katonda yali yamulonda nga ensi tennabaawo, okubeera nnabbi We, era yali muzira era nga mwesigwa. Okutuusa nti ne bwe yali mu nsi etali yaabwe, yamalirira mu mutima gwe n'agamba nti, "Ssijja kweyonoona nabo." Eryo lye Zzadde lya Ibulayimu lyennyini; nga ali mu nsi endala, nga abeera mu bantu abeeyisa mu ngeri ey'enjawulo, naye era n'asigala nga anyweredde ku kisuubizo ekyo. "Ssijja kweyonoona nabo. Nja kusigala nga ndi mwesigwa."

23 Katonda yamugezesa nga bwe yakola jjajjaawe, Ibulayimu. Kabaka n'agamba nti, "Ku bibiri olina okufaanana nga ffe n'osinza nga bwe tusinza, bwe kitaba bwe kityo ŋŋenda kukusuula mu bunnya bw'empologoma ezirumwa enjala."

24 Danyeri, nga Ibulayimu jjajjaawe, n'agamba nti, "Oba kunsuula mu bunnya bwa mpologoma munsuuleyo, naye sijja kuvunnamira wadde n'ekimu ku bifaananyi byammwe. Ssijja kwegatta ku ddiini yammwe ennyinyogovu ey'emikolo. Nja kusigala nga ndi mwesigwa eri Yakuwa."

25 Era awo ne walyoka wabaawo okwolekanya obwanga. Kabaka n'atuukiriza ekisuubizo kye n'akwata nnabbi, manyanga n'alagira ne bamusuula mu bunnya bw'empologoma. Naye empologoma, omulabe wa Danyeri, bwe zaaswakira okulya nnabbi, Katonda yatuukiriza ekisuubizo Kye. Yalya omulyango gw'omulabe we. Katonda yatuma Malayika n'ayimirira mu maaso g'empologoma ezo, n'alya omulyango. Katonda akuuma ekisuubizo Kye. "Alirya omulyango gw'omulabe we." Bw'atyo Katonda bwe yayogera.

26 Era waaliwo n'abalala basatu abaali beeyama okusigala nga beesigwa, abaali Ezzadde lya Ibulayimu erya nnamaddala, abo nga ye Saddulaaki Mesaaki ne Abeduneego, era nabo ne bagezesebwa. Ne baabagamba nti, "Bwe mutaavunname bwe munaawulira eddoboozi ly'ebitaasa n'amakondeere, bwe mutaavunnamire ddiini yaffe, ne muva ku bintu ebyo bye—bye mulimu! N'okusooka kwa byonna, mwenna muli banafu. Eddiini yammwe terina n'ekimu ky'esinga za balala." Ebyo tetubiwulira bulijjo? Naye e—eddiini ya Yesu Kristo ya njawulo. Amaanyi g'okuzuukira Kwe ga njawulo. Tuli bantu ba njawulo, abantu ab'envuma, obwakabona obw'olulyo olulangira. Katonda y'aleetawo enjawulo.

27 Naye bwe baabagamba nti, "Mulina okutwegattako." Tekyandibaddemu mutawaana gwonna Saddulaaki Mesaaki ne Abenuneego okubeegattako, naye baali tebasobola kwegatta ku bagwiira. Kati, kye baava babagamba nti, "Bwe mutakikola, tulina wano oluggi olugguka mu kikoomi ky'omuliro, lwe tusobola okuggulawo ne tubasuulamu, ate ne mwejjusa nti singa mwakkirizza ne mutwegattako."

28 Ne bajjukira ekisuubizo. Ne babawalaawala okubatwala mu kikoomi ky'omuliro. Era bwe baggulawo oluggi ne babakasuka mu nnimi z'omuliro, omulabe waabwe eyalina okubasaanyawo, baalya emiryango gy'omulabe waabwe. Katonda yatuma Omwana We n'ayingira mu nnimi z'omuliro ezo n'azinnyogoza, n'ayogera nabo bwe baali mu kikoomi. Ekisuubizo kya Katonda kyatuukirira. Baalya omulyango gw'omulabe. Baasooka ne bagezesebwa, oluvannyuma ne balya omulyango gw'omulabe.

Yesu si Ye yakola ekisuubizo? "Singa mulyesittaza wadde omu ku bano abato, kyandibadde kirungi ne musibibwa olubengo mu bulago ne musuulibwa mu buziba bw'ennyanja. Temugeza wadde okwesittaza omu ku bato bano abanzikiririzaamu. Era obubonero buno bunaagobereranga abo abanzikiririzaamu."

29 Yateekawo enjawulo. Yalaga abo abakkiriza n'abo abatakkiriza.

Kati bulijjo, waliwo, ebibiina by'abantu bisatu, nga abo y'oyo: atakkiriza, eyeefaananyiriza omukkiriza, n'omukkiriza. Naye Katonda alina engeri ey'okukakasa ani mukkiriza.

Omukkiriza oyo ayimirira nga anyweredde ku ekyo Katonda ky'agamba nti ge Mazima. Weewaawo.

30 Yali Eriya, Omutisubi, bwe kyatuuka mu kaseera ak'okwolekanya obwanga, eyatuuka n'okulowooza nti ye yekka eyali asigaddewo mu ggwanga eyali aky'atya Katonda. Era kabaka yali agenda kumugezesa. Era baamuyigganya. Ne nnaabakyala oyo eyali yeetonyetonye n'eby'okwewunda, eyali ayitibwa Yezebeeri, n'amutiisatiisa okumutta. Naye bwe kyatuuka ekiseera eky'okwolekanya obwanga okulaga omukyamu n'omutuufu, Eriya yalya emiryango gy'omulabe we n'akyusa eggwanga lyonna n'alizzayo eri Katonda. Katonda akuuma ekisuubizo Kye.

31 Yali Musa, nga naye y'omu ku abo abaali mu lunyiriri lw'Ezzadde lino ery'olulyo olulangira, Ezzadde lya Ibulayimu, nti bwe yatumibwa okugenda e Misiri, okununula abaana ba Isiraeri; era Katonda yali amuwadde obubonero n'ebyewuunyo eby'okukola, n'okukuba ensi, n'okuleeta ebikere, n'enkukunyi, n'ekizikiza, n'omuzira, n'enkuba, n'omuliro, era nga ebyamagero bino byonna yali abikoze. Naye ate, bwe yabakulemberamu n'abaggyayo olw'omukono gwa Yakuwa, ekiseera kyatuuka we yasisinkana omulyango wakati we n'ensi ensuubize. Yagasimbagana n'Ennyanja Emmyufu, omuziziko ogwali gwekiise mu kkubo. Baali beetolooddwa eggye lya Falaawo, ensozi, amalungu, n'Ennyanja Emmyufu. Naye Musa yeesowolayo n'alya omulyango gw'omulabe we, n'asomoka Ennyanja Emmyufu, n'engatto ze enkalu, nga bw'atambulira mu kkubo erijjudde enfuufu. "Alirya omulyango gw'omulabe." Katonda bw'atyo bwe yayogera, era ekyo kimala.

32 Waayitawo emyaka mitono nnyo ne wajja ebigezo, era ekkanisa yonna n'enyeenyezebwa, nga bwe kiri ekyangu ennyo eri ekkuŋŋaaniro lyonna okukola bwe wabaawo ekintu ekitatambula nga bwe kirina kutambula. Katonda y'akikola bw'atyo. Katonda aleeta obunkenke mu kkanisa, "Buli mwana yenna ajja eri Katonda ateekwa okugezesebwa, era n'akakasibwa, nga aweebwa ekigezo." Aleka olumbe ne lukugwiira. Aleka endwadde ne zikukwata, okukugezesa, n'okukukakasa, okusobola okulaga ensi nti ddala oli Zzadde lya Ibulayimu. Akikkiriza ne kibaawo olw'okwagala Kwe Ye. Akkiriza obutyabaga ne bubaawo. Akkiriza mikwano gyo okukwefuulira. Akkiriza ebintu bino byonna, n'akusumululira ssetaani, akukeme. Era ajja kukola buli kimu kyonna okuggyako okutwala obulamu bwo. Asobola okukusuula ku ndiri y'okunyigirizibwa. Asobola okuleetera baliraanwa bo okukwefuulira. Asobola okuleetera ekkanisa okukukyawa. Asobola okukola ekintu kyonna, era nga kwagala kwa Katonda okukikola. Tuyigirizibwa nti ebigezo ebyo bya muwendo nnyo okusinga zaabu, gye tuli.

33 Ate kyali kitya ku Ibulayimu ne Isaaka, ku lusozi, oyo

eyaweebwa ekisuubizo? Era olw'obuwulize bwe n'okumanya kwe, awamu n'okukkiriza kwe mu Yakuwa, kyali kuyita mu ekyo, era mu ekyo kyokka, Katonda lwe yatunula wansi n'agamba nti, "Ezzadde Lye lirirya emiryango. Nneerayidde Nzekka nti ebintu bino Ndibikola." Tewaliiwo amusinga bukulu gwe yali Ayinza kulayira, naye Yeerayira Ye yennyini.

Kati, bw'aba Yaleka Ibulayimu n'agezesebwa okutuuka mu kaseera ako akasembayo, naffe Ateekwa okutugezesa nze naawe okutuuka mu kaseera ako akasembayo, mu kaseera ako ak'okukola okusalawo nga buli kimu kyonna kikwabulidde. Awo oteekwa kuyimirira wekka. Aleeruuya! Ky'ekyo.

34 Yimirira wekka. Weesowoleyo ogambe nti, "Ne bw'Anzita, era nja kumwesiga." Eryo lye Zzadde lya Ibulayimu. Oyo y'Awa ekisuubizo. "Abalala bonna ka boogere ki, abalala bonna ka bakole ki; nze n'ab'ennyumba yange, tujja kuweereza Katonda." N'agamba nti, "Abalala bonna ne bwe bagamba nti, 'Ebyo ebyabatuukako tebirina makulu n'akamu. Kyokka kye bali ky'ekibinja ky'abantu abakyamuukirira obukyamuukirizi'; nze n'ab'ennyumba yange, tujja kuweereza Katonda."

Era wano wennyini njagala njogere nga Pawulo, ŋŋambe nti, "Mu kkubo lye bayita 'ery'okubula' mu eryo lyennyini mwe nsinziza Katonda wa bajjajjaffe."

"Ababungeesa eŋŋambo ne bwe banajja mu kkanisa, ne bwe wanaabaawo emiyaga, ne bwe wanaasituka bannabbi ab'obulimba aba buli ngeri n'ebintu ebya buli ngeri byonna ne biyingira mu kkanisa mu bantu, ne ku muliraano na buli wamu; naye nze n'ab'ennyumba yange tujja kuweereza Mukama. Abasigadde bonna ne bwe banaalekera awo okujja, ekkanisa yonna n'ennyogoga, nga tebakyefiirayo, nze n'ab'ennyumba yange tujja kuweereza Mukama. Ne bwe wanaabaawo asabirwa n'atawona; ekyo tekikirinaako kakwate konna yadde; kubanga nze n'ab'ennyumba yange, tuweereza Mukama." Okugezesebwa n'ebigezo.

35 Abantu basobola okukola ensobi, naye Katonda tasobola. Omuntu, ebirowoozo byo bw'obiteeka ku muntu, ajja kukola ensobi. Oba oli awo ayinza obutagikola kagenderere, naye ajja kugikola. Katonda amukkiriza n'agikola Asobole okunyeenya okukkiriza kwo akujje mu muntu. Okukkiriza kwaffe tekuli mu magezi ga buntu, wabula mu maanyi ag'okuzuukira kwa Yesu Kristo. Mu ago Ezzadde lya Ibulayimu ettuufu mwe bawummuliza ekisuubizo kyabwe. Kubanga, basobola kubeera Zzadde lya Ibulayimu mu ngeri emu yokka nga bamaze kufuna Mwoyo Mutukuvu. Bwe baba tebalina Mwoyo Mutukuvu tebali Zzadde lya Ibulayimu. Okukkiriza okwo kwe kumu okwali mu Ibulayimu kujja mu mukkiriza. Si nsonga kiki ekibaawo oba kiki ekikontana, omukkiriza akumba agenda mu maaso.

36 Abakessi baakomawo ne bagamba nti, “Ha, kiba kya—kya busirusiru okugezaako. Tetwetaaga na kweyongera mu maaso, kubanga bali abantu abali eri bannaggwano. Balina ne zi gavumenti ez’amaanyi, ba—balina n’amafumu, era, eky’amazima, ffe tulinga bwacaaka mu maaso gaabwe.”

37 Ssimanyi, naye mpulira muli nti Yoswa yandiba nga yali kasajja katono nnyo, akasajja akatono, ennyo ddala. Mmulaba nga abuuka, n’abaako engeri ye—y’ekintu ekiringa ekibokisi ky’alinnyako, n’agamba nti, “Abasajja era ab’oluganda,” nga agamba abantu obukadde bubiri, “tuyinza nnyo n’okukirawo okubawangula.” Mukiraba? Lwaki? Lyali Zzadde lya Ibulayimu. Katonda yabawa ekisuubizo. Gwali mugabo gwabwe. Katonda yabawa ekisuubizo. Obunene bw’omulabe gwe baali beŋŋanga teyali nsonga, Ezzadde lya Ibulayimu ettuufu lyagamba kimu nti, “Tusobola okukitwala kubanga Katonda yakituwa.”

38 Awo w’oyimiridde enkya ya leero. Awo Ekkanisa ya Katonda omulamu w’eyimiridde. Ssifaayo omuntu omulala yenna ky’agamba, oba kiki omusawo ky’agamba, oba ekintu kyonna, oba atakkiriza ky’agamba, tusingira ddala buli kintu kyonna ekijja okutweŋŋanga. Tuli Zzadde lya Ibulayimu, era tujja kulya omulyango gw’omulabe waffe, omulabe waffe k’abeere ani. Katonda yawa ekisuubizo. Ekyo kyali kyabwe, gwali mugabo gwabwe.

39 Okuwonyezebwa mugabo gwo. Obulokozi mugabo gwo. Omwoyo Omutukuvu mugabo gwo. Naye waliwo enkumi n’enkumi, z’ababuulizi, n’abalala mu nsi leero, abagamba nti, “Ekyo si bwe kiri.” Naye Ezzadde lya Ibulayimu bakimanyi nti bwe kityo bwe kiri. Bawaguza ne bayingirira ddala munda ne balya emiryango gy’omulabe. Katonda yagamba nti baligirya. Bakikkiriza kubanga kisuubizo. “Ezzadde Lye lirirya omulyango gw’omulabe.” Kaakati ojja kuyita mu kugezesebwa, wamu n’ebigezo.

40 Yoswa n’ayimirira awo, nga mwesigwa. Kasajja kattu ne kagamba nti, “Ssifaayo oba banene okwenkana wa. Ssifaayo oba ffumu kika ki lye balina, oba ebibuga byabwe biriko bbugwe omugulumivu okwenkana wa, oba binene okwenkana wa. Ekisuubizo kyaffe kigamba, nti, ‘Omulyango gujja kutwalibwa Ezzadde ly’abaana ba Katonda’, era tugendayo okubamegga. Tubasingira ddala tebatuyinza n’akatono.” Ha, eryo ly’Ezzadde ettuufu.

41 Bangi ku bo abaazaalibwa, nga zzadde ery’omubiri, baagamba kimu, “Tetusobola kukikola. Tetwetaaga na kugezaako kukikola. Mulaba, batusinga n’obungi. Batusukkulumye; mu buli kimu.” Si nsonga, yali tayinza . . . Baali batunuulira . . . ekyo amaaso kye gaali galaba. Naye Yoswa ye yali atunuulidde ekyo Katonda kye yayogera.

42 Ezzadde lya Ibulayimu teritunuulira bintu bya mubiri. Batunuulira ekyo Mukama kye yayogera. Ekyo kye kisuubizo. Watya ssinga Ibulayimu yatunuulira eby'omubiri? N'atunuulira omukazi ow'emyaka ekikumi. . . Yali, wa kyenda. Nga ye wa kikumi. Era nga yali naye okuviira ddala nga akyali muwala muto, nga naye mulenzi muto, naye nga tebalina zzadde. Teyatunuulira bintu ebyo. Yagamba nti ebintu ebyo yabibala nga ebitaliiwo, kubanga yatunuulira ekyo kyokka Katonda kye yayogera. "Nja kukuwa omukisa, Ibulayimu, era Nja kukuwa ezzadde okuyita mu Saala." Era n'akikkiriza. Totunuulira bikweŋŋanga. Tunuulira ekyo Katonda kye yayogera. Katonda yakyogera, era kimala.

43 Kati bwe yatuuka ku Yoludaani, nga kati Yoswa ye muduumizi w'eggye omukulu, ne batuukira ddala ku mugguukiriro gw'amazzi nga basobola n'okutunula emitala ne balaba Yeriko. Naye, wakati waabwe, nga Yoswa ategese bulungi eggye lye, waaliwo omulyango. Omulyango ogwo gwali guyitibwa Yoludaani.

Naye ekisuubizo kya Katonda kirungi ku buli mulyango. Ka gubeere mulyango ki gwonna, ekisuubizo kya Katonda kirungi. "Alirya emiryango gy'omulabe we." Ekyo kimala.

Bwe yatuuka ku Yoludaani ku makya ago, oba oli awo, ka nzikirize nti ssetaani yali ataddewo ebire ebirimu omuyaga nga biri buli wamu wonna mu bbanga, nga n'amazzi amangi agajjudde ettosi gonna bwe gakulukuta, nga ennimiro zonna zitwaliddwa amataba. Ha, nga kyali kiseera kya kugezesebwa! Naye Yoswa n'abagamba nti, "Mwetegeke, mugenda kulaba ekitiibwa kya Katonda." Era ne beetukuza ne beeteekateeka, nga beeteekateeka mu kaseera buli kintu we kyali kirabika nga ekikontana nabo. Naye oyo ye yali Ezzadde lya Ibulayimu, Katonda lye yalayirira nti, "Ndimuwa omulyango." Yatuuka ku Yoludaani, ogwo gwe gwali omulyango gwe, era n'agulya.

44 Lumu ku makya gano nange nja kutuuka ku mulyango ogwo ogusembayo. Olina okutuuka ku Yoludaani, naye Ezzadde lya Ibulayimu lijja kulya omulyango. Ka kibe kiki kyonna, alirya omulyango gwa buli mulabe.

45 Abasajja abo bonna baali basajja ba kitalo. Baafiira ku mulimu. Naye, ku nkomerero, olunaku lumu mu Beserekemu ekya Yuda, Ezzadde ery'olulyo Olulangira lyazaalibwa. Nga, bali abalala bonna baali bisiikirize busiikirize. Ezzadde ery'olulyo Olulangira lyazaalibwa, si kuyita mu muntu. Naye Yazaalibwa embeerera, nga alina amaanyi mu misuwa Gye, okumegga okufa n'amagombe. Katonda yakola ekisuubizo. Omuntu owa bulijjo yali tasobola kukikola. Naye Katonda bw'akola ekisuubizo, Asigala ye Katonda y'omu yennyini nga bwe Yali mu ddakiika ntono ddala, nga Ali, ne Ibulayimu, Yakuwa-yire, Mukama ajja kuteekawo engeri ey'okuwambamu omulyango. Tunaakikola

tutya? Yoswa yafa. Musa yafa. N'abasigadde bonna baafa. Naye Katonda yagamba nti, "Alirya omulyango gw'omulabe we." Anaamegga atya okufa? Alina engeri y'okukolamu ebintu. "Alirya omulyango gw'omulabe we."

46 Ezzadde ery'olulyo Olulangira lyazaalibwa. Yakemebwa mu buli ngeri yonna nga bwe tukemebwa. Nga bw'okemebwa, naye bw'atyo bwe Yakemebwa. Ssetaani yayanguwa mangu okumutwala, bwe Yafuna Omwoyo Omutukuvu, n'amutwala mu ddungu okumala ennaku amakumi ana n'ebiro ana, okukemebwa. Naye bwe Yavaayo. . . Era mu kufa Kwe, baakomerera emisumaali mu bibatu Bye, ne bamuwandulira n'amalusu mu maaso. Yayita mu buli ndwadde. Naye bwe Yali wano ku nsi, Yakakasa nti Asobola okuwamba endwadde. Nyazaala wa Peetero bwe yalwala, n'asannyalala, Yamukwata ku mukono omusujja ne gumwamuka. Omugenge bwe yakaabira ku mulyango nti, "Siri mulongoofu! Siri mulongoofu! Bw'oba nga Oyagala, Oyinza okunnongoosa."

47 Yamugamba nti, "Njagala. Longooka." Yawangula era n'awamba omulyango gw'ebigenge. Yawamba omulyango gw'emisujja.

Yaleetera obutonde bwonna okumugondera. Ye yali Ezzadde lya Ibulayimu, Ezzadde ery'olulyo Olulangira, Oyo eyaweebwa ekisuubizo; eri Ye, Ibulayimu n'Ezzadde lyonna eryamuddirira, okutuuka ku Zzadde ery'olulyo Olulangira, n'Ezzadde lyonna eririmuddirira. Ekisuubizo kya Katonda kituufu. Yawangula endwadde.

Yawangula ebikemo. Omulabe bwe yamuwandulira amalusu mu maaso, n'amukuba ku luba Lwe, Yakyusa n'olulala. Bwe baakuunyuula ebirevu Bye ne bamuwandulira amalusu, Teyabaddiza. Yawangula omulyango gw'okukemebwa n'agulya.

48 Bw'ova awo nga ogamba nti, "Obusungu bwange bunnemesezza okukikola." Ggwe, Ezzadde lya Ibulayimu, yee, ssebo, Yabukuwangulira.

49 Bwe Yavumibwa, Teyabaanukula kubavuma. Bwe baamusekerera, Teyabaanukula. Bwe Yayitibwa ssetaani, Teyabaanukula. Yalina omulimu gumu gwokka, era nga ogwo gwe mulimu gwa Kitaawe, era gwe Yabeeranga akola. Kati, oluvannyuma lwa byonna, ne bamutwala ku musaalaba. Okufa kwalina okumusisinkana. Bali abalala bonna baali baawangula ennyanja, nga baawangula obutonde, ne bawangula empologoma, ne bawangula omuliro. Baawangula buli kimu kyonna okuggyako okufa. Naye wano waaliwo Omu, mu misuwa Gye, omwali, amaanyi agawangula okufa. Bwe batyo baamukwata emikono ne bamugolola ne bamukomerera ku musaalaba. Baamukuba ne bamuswanyuula okutuusa amagumba Ge lwe gaakukunala. Naye bwe baamukuba, ne bakola na buli kimu kyonna kye baasobola okukola, okufa ne

kumuvumbagira, ne kugamba nti, "Kaakano ŋŋenda kukutwala nga bwe nnatwala Yoswa. ŋŋenda kukutwala nga bwe nnatwala Danyeri. Era bino byonna nja kubikola, kubanga nja kukutta."

50 Era Yafiira ddala okutuusa n'enjuba lwe yakwatibwa ensonyi. Yafiira ddala okutuusa n'obutonde lwe bwakwatibwa ensonyi ne buyimirira. Enjuba yazikira emisana ttuku mu makkati g'olunaku. Emmunyeenye ne zirema okwaka. Yafiira ddala okutuusa n'ebintu byonna lwe byakwata enzikiza nga ne bwogolola omukono gwo tosobola kugulaba, emisana ttuku. Nkubamu akafaananyi nga obutonde bugamba nti, "Ka nfe Naye."

51 Ow'oluganda! Awo ssetaani n'asindika emmeeme Ye ey'omuwendo mu bunnya bwa ggeyeena obutalina ntobo. Emiryango ne gyeggulawo, naye Yavaayo ku lunaku olw'okusatu, nga agiwangudde. Amiina. "Ezzadde Lye lirirya omulyango gw'omulabe." Yawangula okufa! Yawangula ggeyeena. Ku makya ago aga Paasika eyasooka, n'Awangula entaana. Kati tuutuno tuyimiridde nga tuli bawanguzi n'okukirawo, okuyita mu Oyo Eyatwagala.

52 Ku Lunaku lwa Pentekoote Yaweereza Omwoyo Omutukuvu, okugenda mu maaso, mu b'Amawanga, okujjayo Ezzadde ery'ekisuubizo. Okuwa ab'Amawanga, abaali baaboolebwa, okubawa okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, okubayingiza mu Kisuubizo. Kati tulina eddembe okuwangula endwadde zonna. Tetwetaaga na kuziwangula; zaawangulwa dda. Ffe tulina kwatula bwatuzi kisuubizo ne tugenda ne tukifuna. Zaawangulwa dda. Okufa kwawangulwa. Amagombe gaawangulwa. Endwadde zaawangulwa. Ebikemo byawangulwa. Emizimu gyonna gyawangulwa. Amagombe gaawangulwa. Okufa kwawangulwa. Amagombe gaawangulwa. Tuyimirira mu mulyango, ne tuguwamba, tekitwetaagisa kubaako ssasi lyonna lye tufulumya. Byasasulirwa dda.

53 Omulabe we, alirya omulyango gw'omulabe we. Bameka? Obukadde nkumi na nkumi; alirya omulyango gw'omulabe we, buli mulabe. Yazuukira okuva mu bafu. Tugulya kubanga Yagutuwa. Kyonna kirabo kya buwa, nga oggyeeko ebyo byonna, na buli kimu kyonna kye Yakola, n'awangula buli mulyango. Yawangula obulwadde, n'awamba omulyango. Kyokka kye tulina okukola kwe kugenda ku mulyango, ne tugamba nti, "Mu Linnya lya Yesu Kristo, Omuwanguzi!" Amiina.

54 Bwe tutuuka mu kaseera ak'okufa, okufa ne kugamba nti, "Mwekkaanye mundabe bwe mmuzzaayo mu ddiini ye."

55 "Mu Linnya lya Yesu Kristo ow'e Nazaleesi, vvaawo ggwe, Yoludaani!" Ezzadde lya Ibulayimu liwamba omulyango.

56 Kubanga, Pawulo yagamba, bwe baali bategeka okumutemako omutwe, Ezzadde lya Ibulayimu, yagamba nti, "Ggwe okufa, empiso yo eriwa? Naawe amagombe, obuwanguzi

bwo buli luuyi wa? Yeebazibwe Katonda Oyo atuwa obuwanguzi okuyita mu Yesu Kristo."

57 Alirya omulyango gw'omulabe we, aguwambe. Kati, tawuttulirwa ku mulyango. Ajja kuguwangula era aguwambe. Ajja kugweddiza. Ekyo kiri mu maanyi ge okukikola.

58 Mu Kkanisa ya Katonda omulamu, enkya ya leero, mulimu amaanyi okuwonya endwadde zonna. Mu Kkanisa ya Katonda omulamu mulimu amaanyi okuwangula ebikemo byonna. Mu ebyo Ekkanisa ya Katonda omulamu by'erina, enkya ya leero, mulimu amaanyi ag'okusiba ekibi ku lujegere ne kikasukibwa eri, ne tufuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, mu Kkanisa ya Yesu Kristo.

"Kyonna kyonna kye mwagala, mukisabe mu Linnya Lyange, kinaabaweebwa. Esigadde akaseera katono, ensi (abo abatali-Zzadde, abo ezzadde eritaazaalibwa mulundi gwakubiri) obutaddamu kundaba. Naye mmwe mulindaba, kubanga Nja kuba nammwe, era mu mmwe, okutuusa ku nkomerero y'ensi." Kiki? Ezzadde ery'olulyo Olulangira. "Emirimu gye Nkola, nammwe muligikola. Nja kukakasa nti Ndi wamu nammwe, kubanga obubonero buno bunaagobereranga abo abanzikiriza."

Alirya ezzadde ly'omulabe we. Alirya. Ezzadde lye lirirya omulyango gw'omulabe waalyo, omulyango ka gubeere kiki. Bwe buba bulwadde, oba bikemo, oba kibi, kyonna kye kiri, kyawangulwa. Era Ezzadde lya Ibulayimu liguwangula.

59 Temuli basanyufu, enkya ya leero, okukimanya nti kaakano tuyimiridde nga tuli bawanguzi n'okukirawo? Tuli bawanguzi n'okukirawo! O, tewali kye tulwana nakyo. Olutalo luwedde. Ffirimbi efuuyiddwa. Bendera ewanikiddwa. Era mu makkati ga buli ntuumu ya kibi, mu makkati ga buli kisenge ekirimu abalwadde, waliwo omusaalaba guli ogw'edda, ogwasimbibwa Omusaayi gwa Yesu Kristo, oyo Omuwanguzi. Ekintu kyokka kye tukola kwe kukkiriza, ne tutunula ne tuba balamu.

"Nja kuba nammwe. Nja kukikakasa. Abantu balijja mu nnaku ez'oluvannyuma, ne bagamba nti, 'Ha, ebyo *byayita*.' Naye Nja kubeera nammwe. Era ebintu byennyini bye Nnakola, wano ku nsi, Nja kubeera mu mmwe, nga nkola ebintu bye bimu byennyini. Era bajja kukitegeera. Bajja kundaba. A. . . Abantu Bange bajja kundaba. Ezzadde lya Ibulayimu lijja kundaba. Bajja kuntegeera. Bajja kutegeera nti ye Nze. Abalala bajja kumpita, 'Beruzebuli,' era nga bwe bakoze. Naye mmwe mulintegeera, kubanga Ndiba nammwe. Mulindaba, mulindaba n'amaaso gammwe. Mulindaba, kubanga Ndiba nammwe, okutuuka ku nkomerero y'ensi, ebintu bye bimu byennyini bye Nkola. Oyo akkiriza Nze, emirimu gye Nkola naye aligikola, emirimu gye gimu gyennyini."

60 Era, olwa leero, Ekkanisa ya Katonda omulamu erina omukisa ogw'okuyimirira erabe omuwanguzi oyo, eyazuukira

Yesu Kristo, Omwana wa Katonda omulamu, nga ayimiridde, ali mu Kkanisa Ye, nga akola ekintu kye kimu kye Yakola mu kiseera kiri. Olwo tulye omulyango gwa buli mulabe.

61 Kati, bw'oba olina omulabe yenna enkya ya leero, muganda wange, waliwo kimu kyokka, bw'oba oli Zzadde lya Ibulayimu, oluvannyuma lw'okuwulira kino, mu ggeyeena tewaaliyo mizimu gimala gisobola kulemezaawo mulyango ogwo mu maaso go. Gujja kweggula. Ssifaayo ka gubeere mulyango ki. Ggwe gweŋŋange, nga Ezzadde eryasuubizibwa, ogambe nti, "Kino nkitwala kyange. Kino kyange, kubanga Katonda yalayira nti Alizuukiza Yesu, era, nti okuyita mu Yesu, ndikiwangula. Nzija mu Linnya ly'Omuwanguzi oyo, Yesu Kristo. Nviira. Mpitawo." Amiina. "Alirya omulyango gw'omulabe." Bw'omala oyimirirewo, n'ebibegabega byo emabega n'engabo yo nga eyakaayakana, nga obikkiddwako Omusaayi gwa Mukama Yesu. Omulabe ajja kukitegeera.

62 Bw'oba olina ekyetaago, yogera gy'Ali kaakano nga bwe tusaba, mmwe abali wano, enkya ya leero, nga mukotese emitwe gyammwe. Kati bw'oba olina ekyetaago, osobola okuyimusa omukono gwo eri Yesu? Kyogere mu mutima gwo, mu mutima gwo, omugambe nti, "Mukama, Omanyi kye nneetaaga. Kati, mpulidde, enkya ya leero, era ekyogeddwa ye Bayibuli nti, 'Alirya omulyango gw'omulabe.' Nzija okulya omulyango. Oba oli awo nnina obusungu. Oba oli awo nneetaaga Omwoyo Omutukuvu. Ekibi kyansibira wansi. Nnina ekyetaago. Naye nzija ku mulyango kaakano. Ŋŋenda kuguwamba, enkya ya leero, omulyango gwange. N'olwekyo, nviira, mpitawo."

63 Mukama ow'omukisa, emikono gino gyonna Ogirabye. Era Omanyi nga kino Kigambo Kyo, ayi Mukama. Nze nkoze gwa kukinokola, era ne nkiraga okuyita mu Byawandiikibwa. Nga ndaga abantu ab'enjawulo mu Bayibuli, engeri gye baavuunika obwakababaka era ne bakola eby'obutuukirivu, ne bazikiza omuliro, obukambwe bw'omuliro, ne bawona obwogi bw'ekitala, ne bayimiriza obumwa bw'empologoma, era, ha, abakazi ne baddizibwa abafu baabwe mu bulamu, n'ebintu ebirala bingi, kubanga Wakisuubiza. Kisuubizo Kyo nti, "Ezzadde Lye." "Ezzadde lyo, Ibulayimu, lirirya omulyango gw'omulabe." Era Otuukiriza ekisuubizo Kyo.

64 Kaakano bawe, ayi Mukama, okuyaayaana kw'emitima gyabwe. Leka bave wano nga bantu ba njawulo. Leka bagende, nga bamanyi nti ba—bawanguzi, kubanga Ezzadde ery'olulyo Olulangira lyabawangulira. Oyo Kabaka ow'olulyo Olulangira, bwe Yajja, eyazaalibwa embeerera, Yawangula buli mulabe, nga n'okufa mw'okutwalidde. N'olwekyo kakubeere okufa tekuyinza kutiisatiisa Zzadde lya Ibulayimu. Tulina ekisuubizo nti tulisikira ensi, era tulikomawo nate mu nkula ey'ekitiibwa ekisingawo, mu mubiri ogugulumiziddwa, omulabe asembayo

bw'aliba amaze okuteekebwa wansi w'ebigere, by'omwana wa Katonda oyo alisembayo okuyingira mu Bwakabaka.

65 Bwe wabaawo ku abo abayimusizza emikono, ayi Mukama, nga boonoonyi, balokole. Abo abaddirira, bayambe bategeere nti tebalina kusigala mu mbeera eyo ey'okuddirira. Asobola okuwamba omulyango ogwo ogw'okuddirira. Oba oli awo waliwo oyo alina obusungu, a—alowooza ebicaafu, alina olulimi olwogera eby'obugwagwa, oba oyo alina omutima omwegombi, oba oyo omuluvu, aluvuwalira ssente, oba—oba ekintu kyonna eky'obugwenyufu, muyambe ategeere nti omulyango ogwo asobola okugumegga. Weesanga ndwadde, ayi Mukama, oba kunyigirizibwa. Omulyango ogwo basobola okugulya, "Kubanga Yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, n'abetentebwa olw'obujeemu bwaffe. Okubonerezebwa okw'emirembe gyaffe kwali ku Ye, era olw'emiggo Gye twawonyezebwa." Tuli bawanguzi, enkya ya leero. Kituwe, Mukama.

Era nga ebyo byonna obitadde ku bbali, omulimu ogwo omunene gwe Yakola, kyokka nga Ali wamu naffe. Ate nga, Yasuubiza nti Alikikola. "Esigadde akaseera katono ensi obutandaba, naye mmwe mulindaba; kubanga Ndiba nammwe, era mu mmwe, okutuuka ku nkomerero y'omulembe." Nkusaba, ayi Kitaffe, Weeyoleke eri buli omu ku ffe, enkya ya leero. Kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

66 Mukkiriza nti ago ge Mazima? Mugakkiririza ddala okuba nti ge Mazima, nga tolinaamu kubuusabuusa kwonna n'akatono mu mutima gwo. Kaakati mujjukire kino. Okukola kw'Omwoyo Omutukuvu kwangu nnyo okutuusa nti kutabutabula entegeera ey'amagezi ag'obuntu. Ekintu ekisingayo okuba ekyangu kye nnali. . . ndabye Omwoyo Omutukuvu nga akola kino. Waliwo lwe nnayogeranga ebintu, weewaawo, bye ssalowoozanga nti biyinza okubaawo mu ngeri eyo. Nga ssinga mba wa kukozesa ndowooza yange, nnandigambye nti, "Naye, ekyo tekisoboka kuba kituufu." Naye bulijjo bibaddenga bituufu. Akola ebintu mu ngeri ennyangu ennyo. Era Akola ebintu okusobola okwebikkulira abantu Be. Katonda ali n'abantu Be. Ali mu makkati g'abantu Be. Abaagala. Era Ayagala okubakolera, n'okubayamba; n'okubamanyisa, si *kyAnaakola*, wabula kye *Yamala* okukola. Yamala dda okukikola. Kikyo. Kikyo. Kirabo kya buwa okuva eri Katonda Kitaffe, eri Ekkanisa Ye.

67 Kati ekyo nga kyandikaluubiridde endowooza ey'entegeera ey'obuntu okukitegeera, nga mu biro bya Danyeri, ne mu biro by'abaana Abaebbulaniya, ne—n'abalala be twogeddeko enkya ya leero. Mukiraba, abantu abaakenkuka mu magezi ag'obuntu ab'omu biro ebyo baali bazibu nnyo okuwangula era nga bwe kiri kati. Bulijjo kibaddenga mulabe, eri endaba yaabwe ey'ebintu, ne ssaayansi waabwe n'ebintu ebirala, byonna byali bizibu okutegeera, eri endowooza mu biseera ebyo, era nga bwe kiri leero. Mukiraba, kyali kintu kye kimu. Naye lubeerera,

waaliwo abo, abeetantalanga okugamba nti, "Katonda mutuufu. Ekigambo kya Katonda kituufu."

68 Era, ggwe, teweetaaga kuwangula, kubanga Yawangula dda. Kyokka ky'olina okukola kwe kugenda mu maaso n'okifuna, n'oyimirira mu mulyango, n'ogamba nti, "Kyange. Kino kyange. Katonda yabumpa, obulokozi bwange. Bwe mba njagala Omwoyo Omutukuvu, Katonda yamumpa. Ekisuubizo kyakolebwa eri nze, n'eri abaana baffe, n'abo bonna abali ewala, abo bonna Mukama b'aliyita." Eyo y'ensonga lwaki nnyimiridde. Nga . . .

69 Obuweereza bwange, obw'okumanya ebiri mu mitima gy'abantu n'ebirala, kati bunaatera okukoma. Ha, bulijjo bujja kubeerawo. Naye kino kinateera okukoma, kubanga kigenda kuyingira mu kintu ekirala ekisingako. Mukiraba? Bugenda bulinnya eddaala; okuva ku kukwata ku mukono, okudda ku kumanya ebiri mu mitima gy'abantu, era kati buteekateeka okulinnya ku ddaala eddala. Mukiraba? Mukiraba. Mukyekkaanye era mutegeere nti kituufu. Mukiraba? Mmanyi nga Mazima. Era kijja kweyongera, okusingawo, okuba ekirungi. Mazima ddala. Kubanga, Yakisuubiza. Era ky'Asuubiza, Akikola. Tasobola kulemwa mu kisuubizo Kye. Era kye kiki? Kwe Kubeerawo Kwe okubeerawo bulijjo wamu naffe, okusobola, okututegeeza nti omulyango Yagukuwangulira.

70 Ye yali Ezzadde ery'olulyo Olulangira. Tewali yali asobola kuwangula miryango egyo okuggyako Ye. Bali bonna abaamusooka baali bisiikirize bya kujja Kwe. Naye bwe Yajja, kyakomekkereza olutalo lwonna. Olutalo lwakomekkerezebwa e Gesesumaani n'e Kalivaaaliyo. Era kati tuyimirira buyimirizi, nga abawanguzi. Tewakyali lutalo lwa kulwana. Tu . . . Olutalo lwaggwa. Tukitwala butwazi nga ekyaffe, tukirinako ekyapa eky'obwannannyini. Obukakafu obwawandiikibwa Katonda, Kitaffe, Oyo eyayimusa omukono Gwe, n'agamba nti, "Nneerayidde Nzekka nti Ezzadde lye lirirya omulyango gw'omulabe." Guugwo. Gwaggwa okumeggebwa. "*Yafumitibwa* olw'okusobya kwaffe. Era olw'emiggo Gye *twamala* okuwonyezebwa." Kyaggwa okukolebwa. Mulimu ogwaggwa. Tukitwala butwazi. "Era emirimu gye Nkola, nammwe muligikola." Kabaka ali naffe, enkya ya leero. Emikisa Gye egy'ekitalo, Omwoyo Omutukuvu, atambula ku ffe. Okuwulira enneewulira eyo ey'ekitiibwa, okukimanya nti kikwataganira ddala bulungi ne . . . n'Ekigambo kya Katonda. Kituwa okubudaabudibwa okw'ekitalo, okukimanya nti—nti Katonda ye Kitaffe.

71 Kati, nzikiriza, ya—yagabye kaadi z'ab'okusabirwa enkya ya leero? Nnamugambye, kale, bw'anaasanga nga abantu abaliwo ba mu kkuŋŋaaniro wano bokka, awo, aleme kugaba kaadi za baakusabirwa. Naye bwe wanaabaawo abawera nga kkumi, oba kkumi na bataano, oba bwe batyo, nga bagenyi mu

makkati gaffe, awo, asobola okugaba kaadi ez'ab'okusabirwa, ne tusobola okubayitayo ne tubasabira. Bameka nga oli mugenyi mu makkati gaffe enkya ya leero? Yimusa omukono gwo. O, bannange! Weewaawo. Bawera nga kkumi na bataano oba abiri. Kale. Tugenda kutegeka kaadi zino ez'ab'okusabirwa tubaleete wano mu maaso ku kadaala. Mulaba, ensonga lwaki ŋŋambye nti aba wano mu "kkuŋŋaaniro," babeera wano.

72 Okutegeera ebiri mu mutima kuno, mujjukire nti, kino nkyogera nti, okutegeera ebiri mu mitima gy'abantu mangu ddala kugenda kukoma, wagenda kubaawo ekintu ekiri ku ddaala erya waggulu era ekikusinga obulungi, kiri mu kkubo kijja. Waabaddewo, kye mmanyi, kati nnengera era ntunuulidde ab'oluganda babiri, abaabadde bayimiridde nange olunaku lwa jjo, ekyo we kyabereddewo, mulaba, n'okwosa eggulo, era lwe kyabaawo. Era kati, egyo emirundi esatu egy'omuddiriŋŋanwa, gye kyakabaawo, obukakafu obulaga nti kisembedde, mulaba, kinaatera okubaawo.

73 Kaakano, ayi Mukama, Ggwe Katonda, ffe tuli baweereza Bo. Tukwebaza olw'Ekigambo Kyo, olw'Omwoyo Omutukuvu, Oyo awadde emitima gyaffe omukisa. Era kati tuli basanyufu. Tutudde wano, nga tumanyi nti tuli bawanguzi. Twalya dda emiryango gy'omulabe gyonna. Gyatuweebwa, era tulina ekisumuluzo nnantalemwa mu mukono gwaffe. Erinnya lya Yesu Kristo lijja ku-. . . kuggula buli mulyango gwa mulabe. Twala ekisumuluzo kino, ekisumuluzo eky'Erinnya lya Yesu, oggu-. . . oggule buli mulyango gwa mulabe ogwakusiba okubaako ekisuubizo kyonna ky'otatuukako.

Era, ayi Katonda, enkya ya leero tujja mu Linnya lya Yesu, n'ekisumuluzo kino, okuggula emiryango ku lw'abalwadde n'abanyigirizibwa. Kubanga kyawandiikibwa mu—mu Kigambo Kye nti, "Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu. Banaayogeranga mu nnimi empya. Era bwe banaakwatanga ku misota, oba ne banywa ekintu kyonna ekitta, tekiibakolenga kabi. Banaateekanga emikono ku balwadde nabo banaawonanga." Tukimanyi nti ebintu ebyo bituufu. Era tusaba, enkya ya leero, ayi Mukama, nti basobole, abantu basobole okukiraba, okuyita mu kulabisibwa kw'Ekigambo ekyambadde omubiri mu makkati gaffe, nti, "Yafumitibwa olw'okusobya kwaffe; era olw'emiggo Gye twawonyezebwa." Era leka bakikkirize bawonyezebwe, enkya ya leero, okuva mu ndwadde zaabwe zonna n'obulwadde n'emitawaana. Tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

74 Teddy, osobola okukuba oluyimba, *Kkiriza Bukkiriza*, mu kasirise era mpolampola, bw'oba osobola.

Kati kiki? Watandikidde ku emu? Nnamba emu, kaadi ey'okusabirwa. Emu, bbiri, ssatu, nnya, ttaano, mukaaga, musanvu, munaana, mwenda, kkumi, oba kyonna kye kiri. Kale.

Musobola mu kasirise ddala, bwe muba musobola okudda ku ludda luno.

[Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Oyise bameka?"—Omuk.] Huh? [Waliwo agamba nti, "Ky'ekyo. Ky'ekyo."] Bali nga . . .

Leka tulabe, nnamba emu, nnamba bbiri. Ani alina kaadi nnamba emu ey'okusabirwa? [Ow'oluganda addamu nti, "Nze ngirina."—Omuk.] Weewaawo. Nnamba bbiri. Kale, ssebo. Nnamba ssatu, nnamba nnya, nnamba ttaano, nnamba mukaaga, nnamba musanvu, nnamba munaana, nnamba mwenda, nnamba kkumi.

75 Nga bwe bavaayo okujja okufuna ebifo byabwe aw'okuyimirira, njagala mbeeko ekibuuzo kye mbabuuza mmwe abasigadde. Bameka, waliwo abantu bonna ab'omu kkuŋŋaaniro wano, nga balwadde? Abantu nga oli wa wano mu kkuŋŋaaniro, yimusa omukono gwo. Nga bataano . . . bana, bataano, mukaaga, musanvu, munaana. Emikono nga munaana oba mwenda. Waliwo omuntu yenna wano mu kkuŋŋaaniro, nga si wa wano mu kkuŋŋaaniro, nga mugenyi yazze buzzi, ne bw'oba ozze olukuŋŋaana luwedde nga tewafunye kaadi ya baakusabirwa? Osobola okuyimusa omukono gwo? Omuntu yenna eyeetaaga Katonda, nga ta . . . nga—nga ssi wa mu kkuŋŋaaniro lino. Waliwo omuntu yenna wano atali mmemba wa kkuŋŋaaniro lino, naye—naye nga oli mulwadde nga tolina kaadi ya baakusabirwa, nga wandyagadde okujjukirwa mu kusaba? Osobola okuyimusa omukono gwo, buli muntu? Kale. Ekyo kirungi. Kale.

76 Kati ŋŋenda kubasaba mubeere bakkakkamu nga bwe kisoboka, okumala—okumala eddakiika ntono, bwe tumala tutandike. Kati leka tulabe. Billy, ekifo ky'osigazza awo kyenkana ki? Kale. Alina nnamba kkumi waali awo? Nnayise okuva ku emu okutuuka ku kkumi.

Kkumi n'emu, kkumi na bbiri, kkumi na ssatu, kkumi na nnya, kkumi na ttaano, leka bayimirire kaakano. Abalina nnamba kkumi, kkumi n'emu, kkumi na bbiri, kkumi na ssatu, kkumi na nnya, kkumi na ttaano, leka bayimirire. Kale. Emu, bbiri, ssatu, nnya, ttaano, mukaaga, musanvu, munaana, mwenda, kkumi, kkumi n'emu, kkumi na bbiri. Wabulayo abalala nga babiri oba n'okusingawo, okuva ku emu okutuuka ku kkumi na ttaano. (. . . ? . . musanvu, munaana, mwenda, kkumi, kkumi n'emu.) Kkumi na ttaano, kkumi na mukaaga, kkumi na musanvu, kkumi na munaana, kkumi na mwenda, abiri.

77 Ha, lindako katono. Kaadi z'ab'okusabirwa nnamugambye kuziwa abo abatali ba mu kkuŋŋaaniro lino. Bwe kiri. Mukiraba? Kubanga, kugenda kubeera, olaba, kutegeera biri mu mitima gy'abantu. Abantu bagenda ne bagamba mbu, "Abantu bano ba wano mu kkuŋŋaaniro." Mukiraba? Mba—mbabuulire. Bameka

abaali babaddeko wano . . . abatabangako wano? Leka tulabe emikono gyammwe, nga tobeerangako mu nkuŋŋaana zange. Kale. Kale.

Kati, kale, kati lindako katono, Ow'oluganda Teddy.

78 Kati nnyinza okwogera, bwe nti, mwenna waakiri, mwali muwulidde ku nkuŋŋaana zino, bwe zibeera, si bwe kiri, mwenna abaali babaddeko mu nkuŋŋaana? Mukiraba? Mukama waffe Yesu bwe yali wano ku nsi, Teyeeyitako muwonya. Weewaawo, Ye yali Ezzadde lya Ibulayimu, era Ye yalina ekisuubizo. Naye Yagamba nti talina kye Yakolanga okutuusa nga Kitaawe asoose n'akimulaga. Si bwe kiri? N'agamba n'okugamba nti, "Ssirina kye nnyinza kukola okutuusa nga Kitange andaze eky'okukola." Era Yakirabanga na . . . Teyagamba nti "okutuusa Kitange *lw'Aŋŋamba*." "Okutuusa Kitange lw'*akindaga*." Enjiri y'Omutukuvu Yokaana 5:19, "Ekyo kye Ndaba Kitange nga akola, n'Omwana ky'akola."

79 Kati bwe Ya—bwe Yajja, tukiraba nti, ku ntandikwa y'obuweereza Bwe, nti bwe Yali amaze okutwala e—entebe ya Dawudi . . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Mu by'omwoyo, mu . . .

Omwoyo Omutukuvu bwe yamukkaako Yokaana, bwe yamubatiza, n'Afuuka Masiya omufukeko amafuta. Kati, mujjukire nti, Yali Mwana wa Katonda bwe Yazaalibwa. Yali Mwana wa Katonda eyazaalibwa embeerera. Naye bwe Yafuuka Masiya, awo Omwoyo Omutukuvu we yamukkirako, kubanga *Masiya* kitegeeza "oyo afukiddwaako amafuta." Mukiraba? Era Yafuuka oyo afukiddwaako amafuta Omwoyo Omutukuvu bwe yamukkaako. Mwampulira nga mbuulira ku *Mwana gw'endiga n'Ejjiba*. Kati oluvannyuma tukiraba nti, bwe Ya . . . Oluvannyuma lw'ennaku Ze ez'okukemebwa, bwe Yavaayo.

80 Kati obuweereza Bwe bwatandika butya, era bwakomekkereza butya? Tukiraba nti, mu buweereza Bwe waaliwo omusajja amanyiddwa nga Andereya, eyagenda n'asisinkana muganda we, Simooni, omuvubi, n'amuleeta eri Yesu. Yesu n'amugamba, nti, "Erinnya lyo ggwe Simooni. Erinnya lya kitaawo ye Yona. Okuva leero onaayitibwanga *Peetero*, ekitegeeza 'akayinja.'" Ekyo mukijjukira? Era omusajja ono yawuniikirira nnyo olw'ekyo Yesu kye yamugamba!

Kati, ekyo Masiya yali ateekwa okukikola? Ekyo bameka abakimanyi, muddeemu nti, "Amiina." Yali wa kuba Katonda-Nnabbi. Yee, ssebo. Musa yagamba nti, "Mukama Katonda wammwe alibayimusiza Nnabbi alinga nze. Awo olulituuka buli yenna ataliwulira Nnabbi ono alisalibwako okuva mu bantu."

81 Kaakati, okuva awo tukizuula, oluvannyumako, Ababe . . . "Yajja mu Babe Bennyini." Be baani abo? Abayudaaya, mu buzaaliranwa. "Naye Ababe ne batamusembeza," kale Yava . . . Kati kirina okugenda eri Ab'amawanga, mukiraba, kubanga

Ababe Ye tebaamusembeza. "Naye abo bonna abaamusembeza, Yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda." Kale kati Akyukidde Ab'amawanga, era gy'abadde, okumala emyaka enkumi bbiri. Naye kati mwekkaanye ebintu bye Yakola.

82 Kati Firipo, bwe yamala okulaba kino nga kikoleddwa, n'agenda n'asisinkana Nassanayiri, n'agamba Nassanayiri Ani gwe yali asisinkanye ne kye Yali akoze. Era ne kimuwuniikiriza. Nga tayinza kukikkiriza. Naye bwe yatuuka mu Maaso ga Mukama waffe Yesu, bwe yazuula we Yali, n'ajja mu Maaso Ge, Yesu n'amugamba nti, "Laba Omuyisiraeri wawu ataliimu bukuusa."

83 Kaakati, singa ggwe wali oyimiridde awo, olowooza wandibadde wa mwoyo ekimala okusobola okumutegeera nti y'Ani? Olowooza wandisobodde okumutegeera? Kati mulabeeyo. Mulaba? Omusajja oyo, omugwiira, omuv-. . . awo, Ayinza n'okuba yali muvubi. Yali mubazzi, ekyo kye Yali. Kati Omusajja ono omubazzi ali awo ayimiridde awo, Musajja wa myaka egiri wakati. Ne wajja omusajja ono. N'amutunuulira, nga bwe nnaatunuulira omu ku basajja bano abali wano, n'amugamba nti, "Laba Omuyisiraeri wawu ataliimu bukuusa." Kati, Y'aliyinzizza atya okukitegeera nti Muyisiraeri? Si kusinziira ku bwe yali ayambadde, kubanga bonna baayambalanga mu ngeri y'emu. "Ataliimu bukuusa." Yakimanya atya nti yali musajja a—ataliimu bukuusa?

84 Kale kyawuniikiriza omusajja ono. Kuba yali mukkiriza owa nnamaddala, kye yava amugamba nti, "Labbi," oba ow'oluganda, omubuulizi, omuyigiriza, "Wammanyira wa?" Mulaba, amubuuza ekibuuzo.

85 N'amugamba nti, "Firipo bwe yabadde tannakuyita, bwe wabadde wansi w'omuti, nnakulabye."

N'agamba nti, "Ye ggwe Mwana wa Katonda. Ye ggwe Kabaka wa Isiraeri."

86 Yesu n'amugamba nti, "Kubanga nkugambye kino, kaakano onzikiriza? Kati ojja kulaba n'ebisinga ku kino."

87 Era eyo y'ensonga lwaki nzikiriza nti Ekkanisa ya Katonda omulamu egenda kulaba ekintu ekisinga ku kino. Kati beeteekateeka okukiyingiramu, mangu ddala, mukiraba, kubanga bakikkirizza. Abo abakigaanye, olw'okukugirwa ebibiina by'amaddiini, mbuusabuusa oba nga balibaako ekintu kyonna kye bakkiriza. Mukiraba? Ebintu. . . Ku bibiri ojja kutambulira mu Kitangaala oba si ekyo ojja kuziba amaaso. Ekitangaala kiziba amaaso, oba ne kiraga ekkubo.

88 Obunyonyi, bwe nnalaba, ku Kibumbe eky'Eddembe. Kakasa nti obulaba, Ow'oluganda Thoms, bw'oliba ogenzeeyo, olaba. Buggunda emitwe gyabwo okubula okuyiwa obwongo bwabwo, ku kibumbe. Kye nnava mbuuza nti, "Kiva ku ki?"

89 Ne baŋŋamba nti, "Mu kifo ky'okugoberera ekitangaala, mu muyaga, okusobola okuwona, ate bugezaako kulwanyisa kitangaala. Ne bumaliriza nga bwesse."

90 Ekyo kye kintu kyokka ekibaawo bw'olwanyisa Ekitangaala, ate wetta wekka, mu mwoyo. Ggwe tambulira butambulizi mu Kitangaala nga Ye bw'ali mu Kitangaala, olwo tujja kuba n'okussa ekimu buli omu ne munne, amakanisa gonna gajja kukkiriza gagende mu maaso ganyumirwe emikisa gya Katonda. Ekyo tekyandibadde kirungi nnyo?

91 Ggwe laba omukazi Omusamaliya bwe yajja. Yali Musamaliya, kati (teyali Muyudaaya), Musamaliya. Era Yamugamba nti, "Ndeeteraayo ku mazzi." Emboozi n'egenda mu maaso.

Kati kino ky'abo abapya.

92 Emboozi n'egenda mu maaso. Kati, omukazi yali takimanyi nti Ye Masiya. Yali awo nga mu—Musajja, Omuyudaaya. Mulaba kye yatandika nakyo? Yamugamba nti, "Naye, mmwe Abayudaaya temwogera na mukazi Musamaliya nga nze." N'agamba nti, "Tetulina nkolagana."

93 Ye n'amugamba nti, "Naye ssinga obadde omanyi Ani gw'oyogera naye, ggwe wandisabye Nze amazzi. Nange nnandikuleetedde, nnandikuwadde amazzi, n'otaddamu kujjanga wano kusena."

94 Kati, omukazi kye yava agamba nti, "Kati sooka olindeko." N'agamba nti, "Ffe tusinziza ku lusozi luno, ate—ate mmwe Abayudaaya musinziza mu Yerusaalemi."

95 Yesu n'amugamba nti, "Naye ekiseera kijja lwe—lwe mutalisinziza ku lusozi luno newankubadde e Yerusalemi, naye mu Mwoyo. Kubanga Katonda Mwoyo, era n'abo abamusinza kibagwanira okumusinza mu Mwoyo ne mu Mazima." Mukiraba? Kale, n'Agenda mu maaso, n'emboozi okutuusa lwe Yazuula ekizibu kye we kyali. Kiki, ekizibu kye ekyali kimutawaanya mukimanyi? Waliwo omuntu yenna amanyi ekyali kitawaanya omukazi oyo eyali ku luzzi? Yalina abasajja bangi nnyo, si bwe kyali? Kye yava Amugamba nti, "Genda okime balo mujje wano."

N'agamba nti, "Ssirina baze."

96 N'amugamba nti, "Ekyo kituufu. Waakabeera na bataano, ne gw'oli naye kati si wuwo."

97 N'agamba nti, "Ssebo!" Kati wekkaanye ky'addamu. "Ssebo, ndaba nga Oli Nnabbi."

Bye yayogera bw'obirondoola mu muwaatwa ogwo awali ebyawandiikibwa ebijuliziddwa ku ekyo, ojja kukizuula nti kye yagamba. "Ssebo," mu nzivuunula eyasooka nti, "Ye ggwe, ndaba nga, ye Ggwe Nnabbi *oli*." Mujjukire nti, mu Bayibuli, babeeranga bagamba nti, "Nnabbi oli, ye Ggwe 'Nnabbi oli'?" Yali Nnabbi ki oyo? Oyo Musa gwe yagamba aliyimuka.

"Ndaba nti Oli Nnabbi. Kati, twayigirizibwa, era tukimanyi nti Masiya bw'alijja, bino by'ebintu by'Alikola." Ako ke kaali akabonero ka Masiya. Si bwe kiri? Okutegeera ekyali kimutawaanya. Yagamba nti, "Tumanyi nti Masiya bw'alijja, Alitubuulira ebintu bino. Naye Ggwe Ani?"

N'amugamba nti, "Nze Nzuuyo, ayogera naawe."

98 N'aleka awo ensuwa ye ey'amazzi, n'adduka n'agenda mu kibuga, nkubamu akafaananyi, nga akwatiridde omutima gwe, nga bw'agamba nti, nga emikono gye agitadde mu kifuba kye bw'abuukabuuka, nga agamba nti, "Mujje, mulabe Omusajja ambuulidde bye nnakola. Ono si ye Masiya yennyini? Si y'Oli yennyini Bayibuli gw'eyogerako ow'okujja? Muyudaaya atudde wali eri, Muntu wa bulijjo, alabika nga omubazzi. Naye Aŋŋambye nti nnaakabeera n'abasajja bataano, era mwenna mumanyi nti ago ge mazima. Ono ateekwa okuba nga ye Masiya." Si bwe kiri?

99 Kati, Yesu yagamba nti, "Esigadde akaseera katono, mu bbanga ttono, ensi tejja kuddamu kundaba. Naye, mmwe mujja kundaba, kubanga Nja kubeera nammwe, era mu mmwe. Era emirimu gye Nkola nammwe muligikola. Mulikola, n'egisinga ku gino Nze gye nkoze wano, kubanga Ŋŋenda eri Kitange, nzirayo mu nkula ey'Omwoyo."

Ssaddaaka yasasulibwa. Ezzadde ery'olulyo Olulangira lyafa; Ezzadde ery'olulyo Olulangira ne lizuukira. Kati Ekkanisa eyimiridde nga yaggyibwaako omusango, olw'okukkiriza ekyo, era Ezzadde ery'olulyo Olulangira lisobola okukka mu bantu bano ne libafuula abasikira awamu, abaana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala.

100 Kaakati, eri mmwe abali eyo, abatali mu lunyiriri luno olw'ab'okusabirwa, nnamugambye kaadi ez'ab'okusabirwa aziwe abantu aba . . . bwe nnamukubidde essimu enkya ya leero. Yasoose n'ankubira essimu, nga ambuuza nti, "Wandyagadde tugende tugabe kaadi, taata?"

101 Ne mmugamba nti, "Bwe wabaawo abantu nga kkumi abatali ba mu kkuŋŋaaniro."

102 Kati, ebiseera ebimu abantu aba wano mu kkuŋŋaaniro mbayita ne mbawa kaadi ez'ab'okusabirwa. Naye ogenda okudda, nga bagamba nti, "Abo, yabadde abamanyi. Baabadde ba mu kkuŋŋaaniro. Ebibatawaanya yabadde abimanyi. Ddala."

103 Bwe nkyusaamu, ne ŋŋamba nti, "Kati njagala abo bokka abatali ba mu kkuŋŋaaniro, mmwe muba mujja. Kale. Mmwe abatali ba mu kkuŋŋaaniro, mmwe munaabeera mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa."

104 "Ha, ffe abo twabadde tetubamanyi," ab'omu kkuŋŋaaniro bwe baagambye. "Tetumanyi byabadde bibatawaanya. Ayinza n'okuba nga yabadde alimba ku bye yaboogeddeko." Olaba?

105 Ate bwe ŋŋamba nti, "Tewabaawo n'omu ajja. Omwoyo Omutukuvu k'alonde bulonzi okuva mu abo abali wano abatali ba mu kkuŋŋaaniro, abatudde awo." Era, nne. . .

106 Tewali ngeri yonna, ya kuleetamu muntu eri Katonda, okuggyako nga yateekerwateekerwa okubeera omwana wa Katonda. Tewali ngeri yonna ya kukikolamu. Yesu yagamba nti, "Tewali ayinza kujja gye Ndi okuggyako nga Kitange y'amuwaludde." Era ago ge Mazima. Buli kimu kye Yakola, waabangawo ekikontana nakyo. "Bwe Yakikolanga *bw'ati*, nga bagamba kibadde kirina kukolebwa *bwe kiti*. Ate bwe yakikola *bw'ati*, nga bagamba kirina kukolebwa *bwe kiti*." Mukiraba, butakkiriza bwereere. Naye amagezi gasiimibwa baana baago. Kale, ndowooza, mukiraba.

107 Kati wano, kino, kye ngezaako okugamba e—ekibiina ky'abantu bano, nti Yesu Kristo ye yali Ezzadde eryo ery'olulyo Olulangira. Si ffe; wabula Ye. Ffe tuli basika b'ekyo, era ebintu byonna byaffe. Watya ssinga ggwe wali oyimiridde awo ku olwo Simooni lwe yajja? Era, ggwe, tewali n'omu. . . Kino kye kintu ekisooka kye Yasookera ddala okukola.

108 Kati, ekyo kigenda kuba nga ky'ekintu ekisooka eri abantu bano, bw'Anaaba akikoze. Tebakirabangako.

109 Naye Simooni bwe yajja, nnamukadde omuvubi, nga talina na buyigirize kusobola kuwandiika linnya lye ku lupapula. Bayibuli egamba nti yali "teyasoma era nga teyayigirizibwa." *Era* kagambo akakozesebwa okugatta ebintu. Yali byombi nga, "teyasoma era teyayigirizibwa." Kati bwe Yajja, n'akola akabonero, amaanyi. . . Yesu, Yesu yamugamba nti, "Erinnya lyo ggwe Simooni." Mulowooza kiki kye yalowooza? Ggwe kiki kye wandirowoozezza singa ggwe wali oyimiridde awo? "N'erinnya lya kitaawo ye Yona. Naye okuva kaakano onaayitibwanga Peetero." Kiki kye wandirowoozezza? Omusajja yali asoma birowoozo bye? Kale, kiki kye wandirowoozezza? Wandirowoozezza nti ako ke kabonero ka Masiya?

110 Ako bwe kaba ke kaali akabonero ka Masiya mu mulembe ogumu, era ke kateekwa okuba akabonero ka Masiya, mu mulembe ogw'okubiri, ogw'okusatu, ogw'okuna. Buli mulembe kalina kuba ke kamu, kubanga Katonda tasobola kukyuka. Kati bameka abakimanyi nti Masiya yali Katonda? Mazima ddala. Ye yali Oyo afukiddwaako amafuta. Ddala. N'olwekyo Tasobola kukyuka. Alina kuba y'omu.

111 Y'ensonga lwaki Yalina okujulira ekintu kye kimu eri Abasamaliya kye Yakola eri Abayudaaya. Kubanga, abantu bonna basibuka mu mawanga asatu Kaamu, Seemu, n'abantu ba Yafeesi; Omuyudaaya, ow'Amawanga, n'Omusamaliya.

112 Kati, mulaba ekyaliwo Omwoyo Omutukuvu bwe yakka? Bameka abakimanyi nti Peetero ye yalina ebisumuluzo by'Obwakabaka? Mwali mwetegerezza? Yaggulawo ku Lunaku

lwa Pentekoote, n'agguliraawo Abayudaaya. Firipo n'agenda n'abuulira eri Abasamaliya, n'ababatiza mu Linnya lya Yesu Kristo, naye Omwoyo Omutukuvu yali tannaba kubakkako. Baalina okutumya Peetero, eyabassaako emikono ne bafuna Omwoyo Omutukuvu. Si bwe kiri? Ne mu nnyumba ya Koluneeriyo, a—Ab'amawanga baamufuna. Baali baweddeyo. Kati okuva awo okweyongerayo, omulyango muggule eri abantu bonna. N'olwekyo kiikyo, mukiraba, Yalina okuggulawo. Katonda alina engeri gy'akolamu ebintu.

113 Kati, enkya ya leero, bwe kiba nti Oyo eyawa Ekisuubizo eri Ezzadde, era nga ezzadde litudde wano. . . Kye nzikiriza nti buli omu ku mmwe ky'ali. Ezzadde bwe liba litudde wano, mazima ddala Ezzadde lijja kulaba Ekisuubizo. Kati, buli omu ku bantu bano abayimiridde wano bayimusizza emikono gyabwe, tebabangako mu nkuŋŋaana. Sibamanyi. Yadde n'omu ku bo. Bazze buzzi wano. Era eddakiika ntono eziyise, Billy yabawadde kaadi z'ab'okusabirwa, era baabano bayimiridde wano. Waliwo bangi ku mmwe abali eyo, abayimusizza emikono gyammwe, nti temwafunye kaadi za baakusabirwa, nga ate muli bapya wano. Naye ekyo si nsonga n'akatono. Ggwe kkiriza bukkiriza nti oli musika ow'ekisuubizo ekyo. Kkiriza bukkiriza nti olw'emiggo Gye wawonyezebwa. Era okikkirize n'omutima gwo gwonna, olabe bw'Akola.

114 Ekintu kyokka ekirabo kino kye kiri, kwe kweewaayo gy'Ali. Nze siriiko kye njogera; Ye y'ayogera. Era bw'Aba Mwoyo We ow'obunnabbi, nnabbi bulijjo yabanga ne BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Era kyabanga kituufu. Ate tobuusabuusa Njigiriza, kubanga erina okukwatagana ne Bayibuli, bw'eba ya Katonda. Katonda tayinza kwogera kintu, ate ne yeetema engalike n'akikyusa. Kirina kuba nga kye kimu ekiseera kyonna.

115 Kati, mmwe abali eyo, mukkirize. Na buli kimu kyonna ekiri mu mmwe, mukkirize. Kati temuddamu kutambulatambula. Mwenna, kati mutuule mukkalire.

Mpolampola nnyo era mu bukkakkamu ddala nga bw'osobola.

Twesanze nga, enkya ya leero, omuntu asoose okuyimirira wano musajja. Kati tugenda kutwala Ekyawandiikibwa kino.

116 Kati mulaba we nnyimiridde? Ekyo bameka abakitegeera? Wano waliwo abasajja n'abakazi abayimiridde wano, be ssirabangako, mu bulamu bwange. Tebabangako na mu lukuŋŋaana, era mulaba we bayimiridde. Tebamanyi kigenda kubaawo. Nange simanyi kigenda kubaawo. Naye Katonda yakisuubiza. Ibulayimu yali tamanyi kyali kigenda kubaawo bwe yakwata ekiso okutta Isaaka, naye Katonda yali yamusuubiza. Ekyo kyali kimala. Yali yamufuna nga omu eyava

mu bafu, nga akimanyi bulungi nti Asobola okumuzuukiza okuva mu bafu. Si bwe kiri? Kati ekyo kyali kimala.

117 Kati, wano waliwo omusajja ayimiridde nange, ssimulabangako, ssirina kye mmumanyiiko. Tetumanyiganye. Ku ffembi tekuli amanyi munne. Naye ffembi Katonda atumanyi.

Kati, olw'ekirabo eky'Obwakatonda, ssinga nsobola okuyitira mu kirabo . . . Kati, ebirabo ebyo ozaalibwa nabyo. Katonda yakiteekateeka nga n'ensi tennatondebwa. Ekyo bameka abakimanyi? Kale tekyali nti nnina kye nnalina, okuweebwa ekirabo. Ekyo Katonda ye yakyeroboza. Si nze nnakyeroboza. Ye yakyeroboza. Mukiraba? Nga bannabbi ab'omu Ndagaano Enkadde, n'abantu ab'enjawulo, baali baayawulirwa okukikola, okukola kino.

118 Kati, omusajja bw'aba mulwadde, ssisobola kumuwonya. Omusajja bw'aba alina ekyetaago, kijja kusinziira ku kiki kye yeetaaga oba nsobola okumuyamba oba nedda. Oba oly'awo, singa kiba kintu nga katugambe . . . ekintu ekitono kye nsobola okumuyambamu, awo, mba nja kuba musanyufu okukikola. Weesanga alina obusungu. Oba oli awo si na Mukristaayo. Oba oli awo Mukristaayo. Weesanga mufere. Ssimanyi. Watya nga yazze kuketta, nga yesolossezza n'ayingira, n'ajja wano nga yeefudde ky'atali? Mmwekkaanye mulabe ekinaabaawo, mukiraba, mmwe—mmwe mulabe ekigenda okubaawo. Nange simanyi.

119 Naye, olaba, bw'oyimirira wano, n'oyimirira nga omanyidde ddala, nga omanyi nti Katonda yasuubiza, Katonda atuukiriza ekisuubizo Kye. Mukiraba? Kati, Katonda bw'anaatuukiriza ekisuubizo Kye, wakati, wano wennyini, eri abantu bano; bameka abali eyo nga onaatuula awo w'oli, okikkirize n'omutima gwo gwonna? Nga ogenda kukkiriza, n'omutima gwo gwonna? Kati nno munzikirize.

120 Kati leka tulabe. Leka tufune Ekyawandiikibwa. Kati, Simooni Peetero yajja eri Mukama waffe Yesu. Era bwe yatuuka Mukama waffe Yesu we yali, Mukama waffe Yesu yamugamba erinnya lye, na—n'amugamba n'ebifa mu bulamu bwe. Kati, Yesu y'omu oyo mulamu leero. Ya . . . Mukkiriza nti Yazuukira okuva mu bafu? Mukkiriza nti Omwoyo wa Masiya ali mu Kkanisa, leero, mu ngeri y'emu nga bw'Abaddenga bulijjo? Kale.

121 Kati, eri ggwe ali eyo mu kibiina, atalina kaadi ya baakusabirwa, tunula eno ogambe nti, "Ayi Mukama!" Weewaawo, mu kibiina tewaliiyo kaadi za baakusabirwa, bonna nnabayiseeyo bali wano. Ggwe ali eyo mu kibiina gamba nti, "Mukama, Nkwataako." Olabe ekinaabaawo. Olabe ekinaabaawo . . . ? . . .

122 Kati, ssebo, ssinga waaliwo engeri yonna mu nsi gye nnyinza okukuyambamu, nnandikikoze. Okiraba, ndi, ffembi tetumanyiganye, era gu—guno gwe mulundi gwange ogusoose

okukusisinkana. Naye nvunaanyizibwa, nga omuweereza, okwogera Amazima n'okubeera omujulirwa wa Yesu Kristo. Era, kati, ssaagala obeeko kintu kyonna ky'oŋŋamba. Njagala onnyanukule bwanukuzi oba kituufu oba si kituufu, omuleke Ye akikole. Era bw'Anaakola mu ngeri y'emu wano ku kituuti, okuyita mu mubiri guno, nga bwe Yakola okuyita mu mubiri gwa Yesu!

Oyo yali Katonda, mu Kristo. Yesu yagamba nti, "Ssirina kye Nkola okutuusa nga Kitange, ali mu Nze, akindaze. Ye ambuulira eky'okukola." N'olwekyo Yesu si ye yagamba omukazi ebimukwatako. Yali Kitaawe, eyali mu Ye, ye yagamba omukazi ebimukwatako. Teyali—Yesu si ye yali amanyi ebikwata ku Simooni Peetero, yali Kitaawe eyali mu Ye, ye yali amanyi ebikwata ku Simooni Peetero. Ky'ekyo. Mukiraba? Ky'ekyo.

123 Kati, nsobola okukugamba, nti oli Mukristaayo, yee, ssebo, kubanga olina o—o—omwoyo omuwoomu ogwaniriza. Era, bambi, mukkiriza. Mukristaayo. Era otawaanyizibwa embeera ey'okweraliikirira ekuleetera okulumizibwa mu lubuto. Si bwe kiri? [Ow'oluganda addamu nti, "Bwe kiri."—Omuk.] Okiraba? Okiraba? Kati, ekyo ddala bwe kiri. Ekyo kisobose kitya? Ekyo nkitegedde ntya? Ekyo ddala nnandikitegedde ntya? Tetulabaganangako. Ekyo kituufu. Si bwe kiri? ["Ekyo kituufu."] Oba oli awo Agenda kubaako ne ky'akugamba ekikukwatako. Ka nkubuulire. Kiikino. Ndaba omukazi ku mabbali go. Ali naawe. Mukyala wo. Era, naye alina kye yeetaaga. Yee, ssebo. Okkiriza nti Katonda asobola okumbuulira ekitawaanya mukyala wo? ["Mmanyi nga Asobola okukikubuulira."] Kale, ssebo. Alina, atawaanyizibwa obulwadde bw'omutima. Ekyo kituufu. Si bwe kiri? Era, naye yeeraliikirira. Yee, ssebo. Kati, toli wa mu kibuga kino. Okwata kkubo *lino* nga oddayo eka, ogenda mu Cincinnati. Bwe kiri. Ova mu Cincinnati, Ohio. Erinnya lyo ye ggwe Milliken. Ddayo, genda ewaka, obeere bulungi. Mukama ajja kukuwa omukisa era ojja kuwonyezebwa, ggwe ne mukyala wo. Katonda akuwe omukisa.

Jangu, ssebo. Okkiriza? Kati beera n'okukkiriza. Tobuusabuusa.

124 Kati mubeere bakkakkamu. Buli omu yenna beera mukkakkamu, musiriikirire. Mulaba, Omwoyo Omutukuvu yeesittala mangu. Ekyo bameka abakimanyi? Yeesittala mangu, Omwoyo Omutukuvu, mulaba, bwe wabaawo akantu konna kamutaataaganyamu.

125 Okusinziira ku basawo, oteekwa okufa mangu ddala, olw'endwadde y'omutima. Ekyo kituufu. Ozze wano nga ova mu Chicago, Mw. Mosley. Erinnya lyo erisooka ye ggwe Theodore. Okkiriza Katonda? [Ow'oluganda addamu nti, "Weewaawo."—

Omuk.] Kale nno ddayo eka obeere mulamu, mu Linnya lya Yesu Kristo, obeere bulungi. Katonda akuwe omukisa.

126 Okkiriza Katonda? [Mwannyinaffe addamu nti, "Weewaawo nzikiriza. Yee, ssebo."—Omuk.] Olumizibwa mu kugulu. Naawe, tova wano mu kibuga. Ova mu Owensboro, Kentucky. Erinnya lyo ggwe Muky. Lamb. Ddayo eka owonyezebwe.

127 Omukyala oyo atudde awo, naye ava mu Owensboro. Olina ekizimba wano ku bbeere. Obadde wa kulongoosebwa, enkya. Genda, okkirize, obeere mulamu.

128 Okkiriza, ssebo? [Ow'oluganda addamu nti, "Weewaawo, nzikiriza."—Omuk.] Tetumanyiganye. Ye ggwe Mw. Gilmore. Bwe kiri. Ova mu Anderson, Indiana, awali ekibiina ky'eddiini eky'amaanyi ekiyitibwa Church of God. Ekyo kituufu. Oyimiridde wano ku lwa muwala wo eyasannyalala oludda lwe olumu. Yasannyalala oludda olumu. Okkiriza? Kati nno ddayo eka omusange nga ali nga bw'okkiriza. Kale. Katonda akuwe omukisa. Beera n'okukkiriza. Kkiriza.

129 Okkiriza n'omutima gwo gwonna, ssebo? [Ow'oluganda addamu nti, "Yee, ssebo."—Omuk.] Ova mu Indianapolis. Oli muweereza wa Njiri. Oyo mukyala wo. Uh-huh. Naye alumizibwa. Alina obuzibu ku mumiro. Dokita . . . Alina n'obulwadde bw'omutima; alina n'okweraliikirira. Ndaba nga tawulira mu kutu kwe. Kiki . . . Jangu wano.

Ggwe omwoyo gw'obwa kiggala, mu Linnya lya Yesu Kristo, nkulagira ku bwa Katonda omulamu, vva mu mukazi.

Kati ompulira bulungi kati. Mwembi musobola okugenda eka ne mubeera bulungi. Muddeeyo mu maka gammwe. Mumpulira, era muli bulungi. Mujja kuba bulungi.

130 Okkiriza n'omutima gwo gwonna? Beera bubeezi na kukkiriza mu Katonda. Kkiriza.

131 Okulumizibwa mu nnyingo okwo n'ebirala bibi nnyo. Okkiriza nga Katonda anaakuwonya? Kati nno tambula nga oddayo. Genda eka, nga otendereza Erinnya Lye, nga ogamba nti, "Weebale, Mukama Yesu omwagalwa."

Ensonga lwaki ekyo nkikutte mangu, n'omukazi ono alina ekintu kye kimu, alumizibwa mu nnyingo.

Okkiriza nti Katonda anaakuwonya? [Ow'oluganda addamu nti, "Yee."—Omuk.] Kale, ssebo. Kale tambula nga bw'oddayo, nga bw'ogamba nti, "Weebale, Mukama Yesu," ogende eka.

132 Kale, mwannyinaze, kyuka bukyusi oddeyo, era okkirize. Olina obukakanyavu mu maviivi, wano, n'obulwadde bw'omutima, n'ebirala. Kyuka bukyusi oddeyo eka, ogambe nti, "Weebale, Mukama Yesu," obeere bulungi. Kkiriza ne byonna ebiri mu ggwe.

133 Mukkiriza? Ate mmwe abali eyo, abamu ku mmwe, mukkiriza?

134 Nnyabo atudde awo, ow'enviiri enzirugavu, alina ensimbu, okkiriza nga Katonda anaakuwonya? Okikkiriza? Kale. Bw'oba okikkiriza, Ajja kukikola.

135 Wano waliwo omubuulizi, atudde wano, ayagala kweyongera kusemberera Katonda. Si bwe kiri, ssebo? Okkiriza nti Katonda anaakikukolera? Yimusa omukono gwo ogambe nti, "Nkikkiriza." Uh-huh.

136 Omukyala ono atudde wano, atadde omukono gwe wansi. Alina ekizibu eky'omwoyo ky'alowoozaako kati. Ekyo kituufu.

137 Wano waliwo omukyala omuto, eyeebuuza oba nga anaazaala omwana we. Bwe kiri. Waliko mu lumu ku nkuŋŋaana zange. Nnakusuubiza, ku bwa Katonda, okufuna omwana. Si bwe kiri? Kale. Kale genda eka omufune. Tekiddamu kukweraliikiriza.

138 Mwenna, mukkiriza n'emitima gyammwe gyonna? Buli omu ku mmwe akkiriza? Ezzadde lya Ibulayimu lirirya omulyango, omulyango gw'omulabe. Muli Zzadde lya Ibulayimu, okuyita mu Yesu Kristo? Muyimuse emikono gyammwe bwe muba kye muli.

Kale muteeke emikono gyammwe buli omu ku muliraanwa wo, buli omu ku munne. Teeka emikono gyo ku munno. Twala omulyango kaakano. Gugwo. Ggwe agulinako obwannannyini. "Okusaba okw'okukkiriza kunaalokola omulwadde. Katonda anaamuyimusa." Kale, saba mu ngeri yo. Saba nga bwe musaba mu kkanisa y'ewammwe. Sabira abantu abali naawe kati. Muteeke emikono gyammwe buli omu ku munne musabe.

139 Mukama Yesu, tujja mu Linnya eryo ery'ekitalo, Eriyinza byonna ery'Ezzadde ery'olulyo Olulangira, Ezzadde lya Ibulayimu, Eryamusuubizibwa ku lusozi gye Wagabirira omwana gw'endiga; n'oteeka omwana gw'endiga ogwo mu ddungu, ekintu ekyewuunyisa, nga bwe Wakoze bukaamuje buli, olunaku olwajjo.

Nkusaba, Ai Mukama Katonda, Oweereze amaanyi, n'okukkiriza. Era leka buli Nsigo. . . Mmanyi bajja kukikola, Mukama, kubanga Wagamba nti, "Ezzadde lya Ibulayimu." Era bwe wabaawo wano oyo yenna abadde yeefuula Ezzadde, naye nga si Zzadde, musonyiwe olw'ekigendererwa kye wano, manyanga olw'okwefuula ky'atali. Era leka Omwoyo Omutukuvu mu kaseera kano kennyini akoleeze omuliro mu mmeeme ye n'okukkiriza okulamu. Leka Omwoyo Omutukuvu ayite mu buli mutima awonye buli omu ali wano. Batadde emikono gyabwe buli omu ku munne.

Ezzadde ery'olulyo Olulangira lyagamba nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza. Bwe banaateekanga emikono ku balwadde, banaawonanga." Era Oyo Eyakola

ekisuubizo ali wano kaakano, nga Akakasa nti Ali wano. Baabo Ezzadde nga batadde emikono gyabwe ku bannaabwe. "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza." Leka Omwoyo Omutukuvu ayite mu buli gumu ku mikono gyabwe, ayingire mu mitima gy'abantu, ne mu mibiri gyabwe, awonye buli omu yenna ali mu Kubeerawo kwa Katonda. Kituwe, Mukama.

Nnenya ssetaani. Nnenya obutakkiriza bwonna. Nnenya buli mwoyo omubi gwonna. Nnenya buli ageegeenya. Nnenya buli kintu ekikontana n'Ekigambo kya Katonda. Era leka Omwoyo Omutukuvu atwale ekifo Kye mu mitima gy'abantu, mu kaseera kano kennyini, okuyita mu kukkiriza. Leka buli ndwadde na buli bulwadde, na buli kunyigirizibwa kwonna, kuve ku bantu, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

140 Kati, Ezzadde lya Ibulayimu, mmwe ab'olulyo olulangira, mmwe ab'ekisuubizo, olw'ekisa n'obuyambi bwa Katonda, bameka ku mmwe abasobola okuyimusa emikono gyammwe, ne bagamba nti, "Nfunye kye mbadde nsaba"? Mwebale. Ky'ekyo. Ekisuubizo ekyo kye kirina okukola. Ekyo ekisuubizo kye kyatuweerwa, nti osobole okuba omusika w'ebintu byonna, okuyita mu Yesu Kristo Oyo eyakulokola. Yakulokola okuva mu kibi. Yakulokola okuva mu ndwadde. Yakulokola okuva mu kufa. Yakulokola okuva mu ggeyeena. Yakulokola okuva mu ntaana.

141 Oyinza okuŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, naye ffenna tugenda mu ntaana." Naye entaana tesobola kutusigaza. Naye Yennyini, yagigendamu, naye teyayinza kumusigaza. Mazima ddala. Teyayinza kumusigaza.

142 "Naye, Ow'oluganda Branham, nze nkemebwa nnyo." Naye, Yakemebwa. Naye Yakulokola okuva mu kukemebwa.

143 "Totutwala mu kukemewa, naye tulokole okuva mu bubi." Okiraba, Yakikola. Byonna bibyo. Buli kimu kikyo, okuyita mu Yesu Kristo. Akuwa buli kimu kyonna, nga kya buwa. Tewali ky'olina kusasula, yadde n'ekimu. Bibyo eddakiika eno yennyini. Temuli basanyufu olw'ekyo? Temuli basanyufu ku Lulwe? Katonda Yeebazibwe.

144 Kati, wagenda kubaawo enkuŋŋaana, akawungeezi, ka leero. Weewaawo. Za kawungeezi ka leero, ssaawa emu n'ekitundu. Leka ndeke omusumba ababuulire. Jangu. Jangu.

Kati, ku makya ga Ssande ejja, Mukama omulungi bw'aliba ayagadde, nja kukomawo nsabire abalwadde, wano mu kkuŋaaniro, oba awalala wonna.

59-1108 Okulya Emiryango Gy'Omulabe
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org